

**OBUBAKA OBWANGU
KU
NJIGIRIZA ZABBAYIBULI
EZ'OBUKULISITAAYO**

BYA MUSUMBA: Thomas Wade Akins



Thomas Ne Barbara Akins

Omusumba Thomas ne Barbara Akins baweezza kristo okumala emyaka egiwerako .baweeza muni yonna , okutendeka Abasumba n'Abakulembeze b'Amakanisa muni yonna. Basomesezza enkumi n'enkumi z'abakulembeze muni ezisoba mu 67 okwetoolola ensi yonna.

Omusumba Thomas yatandika obuweereza bw'Obu minsani mu South Vietnam mu mwaka gwa 1968. Aweerezzaako mu Washington, DC ekya America Ne Brazil.

Barbara yatandika omulimu gwe ogw'obuminsani mu Brazil.

Okuyayaana kw'emitima gyabwe kwekuguluzimiza kristo mu bulamu ne mu kufa.

Engero 3:5-6, Yokaana 17:4 ne Yeremiya 29:11

Thomas Wade ne Barbara Akins

EBIRIMU

- 1. Essuula esooka: Ozaalibwa otya omulundi ogw'okubiri
Enjigiriza y'obulokozi**
- 2. Essula eyokubiri: Obukuumi bwolubeerera.
Enjigiriza y'obulamu obutaggwaawo**
- 3. Essuula eyokusatu: Katonda afaanana atya?
Enjigiriza ekwata ku Katonda**
- 4. Essuula eyokuna: Yesu kristo yani?
Enjigiriza ya yesu Kristo**
- 5. Essuula eyokutaano: Omwoyo omutukuvu yani?**

Enjigiriza ey'omwoyo omutukuvu

- 6. Essuula eyomukaaga: Ekibi kyekki?
Enjigiriza ey'Ekibi**
- 7. Essuula eyomusanvu: Omusaalaba gwa kristo
Enjigiriza y'Okununulibwa**
- 8. Essuula eyomunaana: Okutukuzibwa kyekki?
Enjigiriza y'Okututukuzibwa**
- 9. Essuula eyomwenda : okuddingana n'Okununulibwa kyekki?
Enjigiriza y'Okuddingana n'Okununulibwa**
- 10. Essuula eyekkumi: Okwenenya kyekki?
Enjigiriza y'Okwenenya**
- 11. Essuula eyekkumi n'Emu: Okukkiriza n'Ekisa kyekki?
Enjigiriza y'Ekisa n'Okukkiriza**
- 12. Essuula eyekkumi ne bbiri: Okudda kwa yesu kristo
Enjigiriza ey'Okudda kwa Yesu kristo**

**Essuula Esooka
Ozaalibwa otya omulundu ogwokubiri
Enjigiriza y'obulokozi ekitundu ekisooka**

Yokaana 3:1-16

Ennyanjula

Mu kitundu kyaffe kino tulaba omusajja ayitibwa Nikodemo. (olunyiriri 01). Nikodemo yali mufarisaayo. Abayudaaya baalina ebibinja bibiri mukaseera ako. Ekibinja ekimu kyali kiyitibwa abasaddukaayo ngate ekirala bali Bafarisaayo. Abafarisaayo baali ba mateeka nnyo era nga nga bawanuuzza ebyedda.

Omufarisaayo kyali kitegeeza omuntu omulungi ennyo.Yali assibwamu nnyo ekitiibwa mu kitundu kye.Yali mukiise kukakiiko akaali akafuzi. Nolwekyo yalina amaanyi mangi.

Okubeera omufarisaayo kyali kitegeeza nti yali munnaddiini nnyo.Yawaayo ekimu ekyekkumi ku ssente ze zonna eri mukama, yali yasoma etteeka lya musa era nga yali aligondera nga bweyali asobola. .

Naye Nicodemo yalina ekizibu.Munda mu ye yalina ennaku.yalina ekituli ekiwanvu mu mwyoyo gwe nga ye tasobola kukiziba.

Nolwekyo najja eri Yesu mu kiro. (olunyiriri 02). Yajja mu ttumbi waleme kubaawo amulaba. Yali amanyi Yesu yani kubanga yali amulabyeko oba yali nga awuliddeko ku byamagero byeyali akoze.

Yamugamba, “ tewali ayinza kukola byamagero byokola okuggyako nga katonda ali naye”

Yesu yalina obusobozi obutunula munda mu mutima gw’omuntu.Nolwekyo yesu yakimanya nti newakubadde yali musajja munnaddiini mulungi yali yataaga okufuna obulamu obutaggwaawo.

Yesu yawa ensonga ssatu lwaki wetaaga okuzaalibwa omulundi ogwokubiri.

- I. ENSONGA ESOOKA—bwoba nga oyagala okugenda mu ggulu ng’ofudde olina kuzaalibwa mulundi gwakubiri.**

Oyagala okugenda mu ggulu ngofudde?

nolwekyo, Yesu namugamba, “tewali ayinza kulaba BWAKABAKA BWA KATONDA okuggyako nga azaaliddwa omulundi ogwokubiri (olunyiriri 03).

Lwaki? Wewazaalibwa okuva munda ya Maama wo wazaalibwa mu kuzaalibwa okw’omubiri.

Mu kuzaalibwa kuno okw’omubiri wazaalibwa n’Embala ey’ekibi.tewali yakusomesa” kwonoona”.Tewali yakusomesa kulimba.Tewali yakusomesa kweyagaliza.Mbala yaffe okwonoona. Twasikira embala eyekibi okuva ku Adam

Tosobola kukyusa Mpologoma. Osobola okugikuza okuva nga ekyali nto .osobola okujaagala nga ekyali nto . osobola okugiwa ebyokulya. Naye

olunaku lumu ejja kukula ob'olyawo ekutte . Lwaki? Erina embala eyokwewaggula.(ey'omunsiko)

Kyekimu n'Omuntu .embala yaffe kwekwonoona. Tewali ayinza kutusomesa ngeri jebonoonamu.Nolwekyo, wetaaga embala empya okusobola okuyingira eggulu. Embala eviira ddala ewa KATONDA.Embala KATONDA jaakuwa .Nolwekyo, bwoba nga oyagala oyingira mu bwakabaka bwa katonda oteekeddwa okuzaalibwa omulundi ogwokubiri.. kuno okuzaalibwa okwokubiri kuva wa katonda. (Olunyiriri 5)

Yesu yagamba, ngenze mbateekereteekere EKIFO. Yokaana 14:2. Eggulu KIFO ekiriyo.

Eggulu liribeera litya?

A. Eggulu kifo kirungi.

Eggulu lifaanana litya?Kifo kirungi.Bayibuli ennyonyola eggulu n'Enguudo eza zzaabu.Linyonnyolwa nga ekifo ekirina ebisenge ebyomuwendu.Buli mulyango gutoneddwa mungeri yaagwo.EGGULU kifo ekituukiridde Lowoozaamu .tewajja kubeerayo kubonaabona . tewajja kubeerayo ndwadde. Tewajja kubeerayo kulumwa nate. Tewajja kubeerayo nnaku. Tewajja kubeerayo kufa nate.

B. Eggulu kifo woolimanyira abantu.

Oyinza okwewuunya, tujja kumanyagana mu ggulu , bwekiri. Tojja kuddamu kubeera mussiru mu ggulu.

Ojja kuba nga osobola okutambula noogenda ewa YIBULAYIMU nooyogera naye kukuyitibwa kwe kwa katonda okwokubeera Taata we ggwanga lyabayudaaya okwasobola okuwa omukisa ensi yonna nga kulangirira Masiya eyali agenda okujja.

Ojjakuba osobola okwogerako ne Musa.lowozaamu, ojjakuba osobola okubuuza Musa nga bwekyari ku lusozi SINAAZI nga agenze okufuna amateeka ekkumi.

Ojja kuba osobola okwogerako ne Sulemani wamu ne Dawudi n'Abakulembeze ba bayibuli ab'Amanyi ne ba Nabbi.ojja kuisinkana abasajja abamaanyi nga Yeremiya, yisaaya, ne Amosi, . ojja kuisinkana abakyala ba Katonda abamaanyi nga Luusi, Eseza ne Malyamu maama wa Yesu..

Era ssinga ofiirwa Taata, Maama, Omukyala, Balo oba Omwana.Singa baba nga babadde balokole ojja kuddamu obalabe era obamanye. Lujja kuba lunaku lulungu okwegatta wamu n’Emikwano n’Abooluganda . Naye ate ekintu ekisinga ku ggulu kiri nti ojja kulaba Yesu maaso ku maaso.

Bayibuli egamba olunaku lulijja buli vviivi lirivunnama na buli lurimi luliyatula nti Yesu ye mukama.

Yesu kyekitangaala kyeggulu.Ojja kubeera mu kubeerawo kwe.Fenna tujja kuvunnama tumusize.

okubikkulirwa 4 atuteegeeza ekigenda mumaaso mu ggulu kaakano Yesu ali ku nnamulondo ye yetooloddwa ba Malayika bayimba.

MUTUKUVU, MUTUKUVU, MUTUKUVU

YE KATONDA OW’AMANYI

EYALI, ALI, era ALIBA. (Okub. 4:8)

Oyagala okugenda mu ggulu ngomaze okufa? Bwekiba bwekityo, otteekeddwa okuzaalibwa omulundi ogwokubiri

II. ENSOGA EYOKUBIRI.—Lwaki okuzaalibwa omulundi ogwokubiri?—okubeera n’Obulamu obwaddala kati!

Oteekeddwa okuzaalibwa omulundi ogwokubiri okubeera n’Obulamu obwaddala.Obulamu ob’Omulamwa n’Ekigendererwa. Obulamu ebw’Essanyu, Emirembe, N’Okwagala yokaana 3:16 egamba, “katonda yayagala nnyo ensi n’Okuwaayo nawaayo omwana we yekka owenjawulo, kibeere nti oyo yenna anaamukkiriza aleme okusaanawo wabula abeere n’Obulamu obutaggwaawo”.

Tulozooza nnyo ku kigambo “obulamu obutaggwaawo” ng’ekintu ekitandika nga tumaze okufa.Ekyo kituufu.

Naye ate, mumazima kisingako ku kino.bulamu obutandika KATI nga okyali ku nsi. kristo wayingira mumutima gwo, obulamu butandika mu kaseera ako nga yesu ayingidde mu mutima gwo. Ensonga eri nti omwoyo mutukuvu ayingira obulamu bwo ng’owaddeyo obulamu bwo eri kristo.

Obulamu obutaggwaawo tekitegeeza kugenda mu ggulu ng’Omaze okufa, naye era kitegeeza n’Obulamu obutuukiridde era obutegeerekeka ng’Okyali wano kungsi

kristo akuwa EKIGENDERERWA mu kifo ky'OBUKALU.

kristo akuwa OMUKWANO mu kifo ky'OBUKYAYI.

kristo akuwa OBULAMU mu kifo ky'OKUFA.

kristo akuwa OKUKUDDIRAMU kifo ky'OKUTYA

Mu ngeri endala , kristo akuwa ekigendererwa ky'obulamu bwo kati.

Oyagala okuba n'Obulamu ngokiyali wano kungsi?

Obulamu obutuukiridde bwebulamu, obw'Emirembe, Essanyu, Okwagala,

okukuddiramu n'Okumanya nti ojja kugenda mu ggulu nga omaze okufa.

Bwoba oyagala obulamu kati nga okyali kungsi oteekeddwa okuzaalibwa

omulundi ogwokubiri.

III. ENSONGA EYOKUSATU---Lwaki oteekeddwa okuzaalibwa omulundi ogwokubiri?—okuwona Ggeyeena

Yokaana 3:18 egamba, “oyo amukkiriza tajja kusarirwa musango, naye oyo atamukkiriza gwamusarirwa dda , kubanga takkiriza mu linnya lyoyo owa katonda era omwana we yekka.

Ensangi zino waliyo abasumba bangi n'Abantu abatakkiririza mu

Ggeyeena. Naye ate , yesu ye yajikkiririzaamu . yesu ye yabuulira ku

Ggeyeena okusinga bweyabuulira ku Ggulu.

Yesu yagamba mu Matayo 25:46, “era bano bajja kuyingira obulamu obutaggwaawo, abamu mu kiswalo N'Okuzikirira (Okufa)”.

Ggeyeena efaanana etya?

A. Ggeyeena kifo kya njawukana.

Bbayibuli weyogera ku “okufa” eyogera ku kwawukana. Okufa kitegeeza “okwawulwa”. Waliwo ebika by'Okufa bisatu mu bayibuli

- 1. Okufa okwomubiri. Olunaku lumu omubiri gwo gujja kuggwaawo. Omutima gwo gulekerere awo okukuba. Omwoyo gwo guve mu mubiri. Bayibuli omubiri eguyita “Weema”. Gutereka omwoyo gwo n'Emmeeme yo.**

Nolwekyo, okufa omwoyo gwo n'Emeeme yo lwebiva mumubiri gwo.Kiringa okuva mu kisenge ekimu n'okudda mu kirala.

- 2. Okufa okw'omwoyo. Kuno kwe kufa ng'okiyali kungsi. Oyawuddwa ku Katonda era toyina mirembe oba ssanyu kati. Olina obukalu munda**

mu mwoyo gwo. Omubiri gwo guli bulungi naye munda toli musanyufu.

3. Okufa okwolubeerera. Kuno kwekwawulwa ku Katonda olubeerera. Kino kyekintu ekyobulabe ku Ggeyeena. Ekifo katonda mwatabeera..

Ggeyeena kifo kyakubonaabona. Yesu yanyonnyola Ggeyeena ng'Ekifo eky'omuliro. Ekifo omuliro wegutazikira. Ggeyeena yagiyita "ennyanja ey'Omuliro". Yayogera ku kubonyaabonyezebwa "mu "muliro guno"

Abamu bakkiriza nti bino ebigambo byakulaga bulazi ssi byebyo nga bwebiri. Bwebiba nga kabonero k'Ebyo byennyini ebiri mu ggulu , awo Ggeyeena ejja kuba mbi nnyo.

Ggeyeena ya sitani n'Emizimu gye. Ggeyeena teyatondebwa nga ya bantu. Katonda yagitonda nga agitondedde sitaani n'Emizimu gye. katonda tayagala ggwe oba omuntu omulala yenna okugenda mu ggeyeena. Bwonagenda mu ggeyeena nga omaze okufa kijja kuba kitegeeza nti wasalawo okugaana kristo ng'Omulokozi era mukama w'Obulamu bwo..

kristo yabonaabona Magombe kungsi, okubonaabona, okunenyezebwa asobole okusasulira ebibi byo. empeera y'Ekibi kufa. Yafa naasasula. Okusasula kwo kukwo kati ggwe we wewaaayo ne weenya ebibi byo nga akusonyiwa

Nolwekyo yesu yawa ensoga ssatu lwaki olina okuzaalibwa omulundi ogwokubiri.

Ekibuuzo kiri nti: OZAALIBWA OTYA OMULUNDI OGWOKUBIRI.

Yokaana 3:16 egamba, " katonda yayagala nnyo ensi n'Okuwaaayo nawaayo omwana we yekka omu, nti oyo yenna amukkiriza aleme okuzikirira wabula abeere n'Obulamu obutaggwaawo.

Ozaalibwa otya omulundi ogwokubiri. Ekinyusi mu lunyiriri luno kiri "kukkiriza"

Waliwo enzikiriza za mirundi ebiri mu Bbayibuli.

- A. Okukkiriza okw'Omutwe. Okukkiriza n'amagezi. Ne sitaani akiriza okukkiriza kuno. Akkiririza mu katonda. Akkiririza mu Yesu. Akkiririza nti Yesu zaalibwa omuwala embeerera. Akkiririza nti yesu yafa ku musaalaba olw'Ekibi. Akkiririza nti yesu yazuukira okuva mu bafu.

Sitaani akkiriza naye mu mutwe gwe ssi mulokole. yakobo 2:agamba, “mukkiriza nti waliyo Katonda omu, kirungi! N’Emizimu jikkiriza ekyo...era ne” gikankana”.

B. Okukkiriza okw’Omutima. Bwokkiriza mu mutima gwo ozaalibwa omulundi ogwokubiri

abaruumi 10:9 egamba, “ bwoyatula n’Akamwa ko nti yesu ye mukama era nokkiriza n’Omutima gwo nti katonda yamuzuukiza okuva mu bafu, olokolebwa”

okukkiriza kw’Omutima kulimu okweewaayo . osobola okuba n’Entebe gyoyagala okutuulamu. Osobola okuyimirira e mabbali w’Entebe eyo olunaku lwonna , nogamba “nzikiriza ssinga ntuula mu ntebe eno ejja kumpanirira”

newakubadde , okwo kukkiriza kwa mutwe.

Okukkiriza kw’Omutima kwekutuula mu ntebe. Owaayo obulamu bwo notuula mu ntebe .weesize entebe okukuwanirira.

Abantu basobola okugamba olunaku lwonna ekiro kyonna, “nzikiriza mu Yesu” naye okuggyako ng’omaze kwewaayo nga omulokozi w’Obulamu bwo tosobola kulokolebwa.

Ekyo kitegeeza okuva mu ba katonda bo bonna, ebifaananyi, emyoyo, okusinza ba lubaale, ebibi byo, okwenyumiriza mu bulamu bwo obulungi n’Ebikolwa ebirungi okkirize *yesu yekka* omulokozi wo era mukama .

Kitegeeza nti ofuna yesu mu bulamu bwo okuba mukama, mukama wo, katonda yekka mu bulamu bwo.

okufundikira:

wetaaga okuzaalibwa omulundi ogwokubiri? Wetaaga okumanya nti ebibi byo bisonyiyiddwa?

Wetaaga okumanya nto bwolifa olunaku olumu oliba mu ggulu?

Bwekiba bwekityo , osobola olw’Okukiiriza okusaba n’oyaniriza Kristo mu bulamu bwo kati .Bbayibuli egamba , “buli ayita erinnya lya mukama, ALILOKOLEBWA. (abaruumi 10:13).

Yaniriza Kristo mu bulamu bwo !olw’okukkiriza osobola okusaba esaala eno noyaniriza Yesu mu bulamu bwo.

saba, “mukama, nzikiriza nti oli mukama era omulokozi w’obulamu bwange. kaakano, mpayo obulamu bwange gyooli. Yingira mu mutima gwange obeere mukama era omulokozi w’obulamu bwange. Weebale mukama okuwulira esaala yange n’okulokola omwoyo gwange. Mu linnya Iya Yesu nSabye, Amiina.

ESSUULA EYOKUBIRI

ENJIKIRIZA Y’OBUKUUMI OBWOLUBEERERA

ENJIGIRIZA Y’OBULAMU OBUTAGGWAAWO

Yokaana 17:3

**“buno bwe bulamu obutaggwaawo , kwe kutegeera ggwe katonda omu ow’amazima ne Yesu kristo gwewatuma”
ennyanjula**

waliwo okutabulwa kungi ensangi zino okukwata ku bukuumi obw’olubeerera. Mu ngeri endala, ssinga olokoka , oba olokoledwa olubeerera?

Kya mugaso nnyo buli mukkiriza yenna abeere n’obukakafu bw’obulamu obutaggwaawo.

Bwotafuna bukakafu kukikwata ku bulamu obutaggwaawo, awo kijja kuba tekisoboka ggwe okufuna emirembe, essanyu, n’amanyi okubeera mu bulamu bw’ekikulisitaayo obw’obuwanguzi.

Bwoba nga ggwe okkiriza nti osobola okufiirwa obulokozi bwo awo tolimanya ddala oba walokolebwa.. ggwe osinziira ku ki okufiirwa obulokozi bwo?

Bino ebibi byokola byebikuleetera okufiirwa obulokozi bwo? Bwekiba , biriwa?

Waliyo ebibi ebirala ebiyinza okukuleetera okufiirwa obulokozi bwo?Bwekiba bwe kityo, biriwa?

Ggwe bwoba nga okkiriza nti ebibi ebimu bijja kukuleetera okufiwa obulokozi bwo ate ebirala byo tebijja, katinno awo oba oli mu kifo kyokuba nga olina ebibi ebikkirizibwa n'ebitakkirizibwa okwongerezaako, era okkiriza nti walokolebwa lwa kisa kya katonda naye ate osigala olokolebwa olw'amanyi go n'okufuba kwo. omuntu ayinza okwekuuma nga alokolebwa olw'okukola ebikolwa ebirungi?

Tujja kusoma enjigiriza eno enkulu era tubale ekigambo kya katonda kisomesa kitya nga twebuuzza ebibuuzo ebikulu bina.

OBULAMU OBUTAGGWAAWO KYE KKI?

ekisooka, katusooke tuyige obulamu obutaggwaawo kyekki?.abantu banji bakkiriza nti obulamu obutaggwaawo kwekubeera emirembe nemirembe. Nedda, ekyo ky'ekiva mukufuna obulamu obutaggwaawo.

Yesu anyonnyola obulamu obutaggwaawo kyekki mu yokaana 17:3. Yesu yagamba, "buno bwebulamu obutaggwaawo; nti mmwe mumanaye katonda yekka ow'amazima n'oyo gwe yatuma ye yesu christo"

Ekigambo ekikulu mu lunyiriri luno kiri "okumanya". Ekigambo, "okumanya" kitegeeza enkolagana ey'obuziba. oluberyeberye 4:1 egamba, "Adamu namanya kkaawa, nafuna olubuto n'azaala kayini".

Mu ssuula eno ekigambo "kumanya" kitegeeza okwegatta wakati w'omusajja, Adamu ne mukyalawe, Kaawa ne bazaala omwana ayitibwa Kayini.

Omusajja n'omukazi bwebabeera mu kikulwa ekyokwegatta, abantu bano bafuuka omuntu "omu" nolwekyo, obulamu obutaggwaawo wobeera nga olina enkolagana ne Katonda nofuuka omuntu omu naye , naye nafuuka omuntu omu naawe. Omutume pawulo akozesa ekigambo "mu kristo' tuli "mu kristo" ne kristo ali mufte.

nolwekyo, obulamu obutaggwaawo , kwe kubeera n'enkolagana ey'obuntu ne katonda okuyita mu Yesu Kristo mukama era omulokozi waffe. omuntu wawaayo obulamu bwe eri knga mukama era omulokozi omwoyo omutukuvu ajja mubukamu bwe. afuuka OMU ne katonda. Alina enkolagana ey'obuntu ne katonda

ekiva mu nkolagana eno ne katonda kwekubeera emirembe n'emirembe ong'omaze okufa. Nkolagana ya mirembe na mirembe okutuusa lwofa.

II. EKIGAMBO OBUTAGGWAAWO KITEGEEZA KI?

Yokaana 3:16 egamba, “katonda yayagala nnyo ensi nawayo omwana we yekka (owenjawulo), oyo amukkiriza aleme okubula naye abeere “n’obulamu obutaggwaawo”

Tusome olunyiriri luno tugambe.....”naye abeere nobulamu okutuusa ssabbiiti egya...?

...okutuusa omwaka ogugya?...okutuusa lwadamu okwonoona?

nedda, olunyiriri lugamba, “obulamu obutaggwaawo”.

Obutaggwaawo kitegeeza butaggwaawo. Kitegeeza mirembe na mirembe. Tebuyina nkomerero. Kitegeeza lubeerera.

Mu ngeri endala, Katonda bwakulokola kya lubeerera.

abaruumi 8:1 egamba, “tewali kunenyezebwa eri abo abali “mu Kristo Yesu”

III. ATE ABEBBULANIYA AGAMBA KI 6:4-5?

Abebbulaniya 6:4-5 agamba, “tekisoboka eri abo abalabye omusana, ABALOZEZAako ku kirabo ky’eggulu , abafunye ku kirabo ky’omwoyo omutukuvu

05-abo ABALOZEZAako obulungi bwekigambo kya katonda n’amanyi ag’omulembe ogujja.

SSINGA BAGWA okubivaamu tekiyinzika abo okubazza obuggya olwokwenenya nga beekomererera bokka omulundi ogw’okubiri Omwana wa katonda ne bamukwasa ensonyi mu lwatu

Kitegeere nti Bbayibuli eyogera ku “ekirabo ky’eggulu”. Oyo abeera Kristo

Abakolinso2 9:15 egamba nti Kristo kye “kirabo kya katonda ekitayogerekeka”.

Newakubadde , ekirabo kino, Kristot, tekyaafunibwa lwa kulozaako kwokka , kulagako kwokka.

Obulamu obutaggwaawo buva mu kufuna ekirabo, Kristo, ssi kumulozaako kyokka. kiringa “okuloza” emmere naye nga ssi kugigaaya n’okugimira. (McArthur, abebbulaniya.)

Yeremiya agamba, “nazuula ebigambo byo era nembirya, era nazuula ebigamba byo nembirya, era ebigambo byo byafuuka essanyu nokwenyumiriza kwomutima gwange.”. yeremiya 15:16.

Abantu bangi olunyiriri luno balutegeera kifuula nnege okutegeeza nti omuntu asobola okufiirwa obulokoze bwe .newakubadde , kino ssi kituufu.

Lunyiriri olunnyonyola nti TEKISOBOKA kufiirwa bulokozi bwo kubanga ssinga wali osobola, awo yesu yali asobola okuddamu nakomererwa ggwe okuddamu okulokoka. Agamba nti ekyo tekisoboka

Mungeri endala ekigambo “ssinga” ki “kyebyo ebitasoboka”.

Mungeri ennyangu, “ssinga kyali kisoboka okufiirwa obulokozi bwo kyandibadde tekisoboka okuddamu okulokoka nate.

nolwekyo, agamba nti tekisoboka kufiirwa bulokozi bwo. Ekisooka , kubanga yesu awo alina okuddamu nafiira ku musaalaba okulokola. Ekyo kyandibadde kizibu yesu okukikola era naawe tosobola kugibwaako bulokozi bwo.

IV. SSINGA OMULOKOLE AGWA MU KIBI?

**Tewali muntu yenna mu bbayibuli ataagwako mu kibi mu bulamu bwe bwonna
Adamu ne kaawa mu nnimiro ya Edeni.**

Nuuwa yanywa yatamiira oluvannyuma lwokuva mu lyato

Ibulayimu yawaayo mukyala we ewa ffaraawo

Musa yasunguwala nnyo namenya amateeka ekkumi

Dawudi yagwa mu bwenzi era natta n’omukulu mu maje.

Peetero yegaana yesu emirundi esatu nga tannakomererwa.

Tomasi yabusabuusa okuzuukira kwa yesu oluvannyuma lwokutambula naye emyaka esatu

Timoseewo yefuulira Pawulo ku lugendo lw’enjiri

Tewali wadde katonda we yagambira abantu banno nti obulokozi bwabwe bubagiddwaako.

nolwekyo, kiki ekibaawo ssinga omulokole akemebwa era naayonoona?

ekisooka, Katonda ajja kumugolola. Omuwandiisi w'ekitabo kino, omusumba Thomas, yalina abaana basatu. Olunaku lumu yagamba mutabani we aleme kukola kinti ekimu. Mutabani we namujeemera. omusumba Thomas yandibadde amugoba ewaka ne mu kika naviiramu ddala.

yandigambye, “mutabani, nakugambye ekyokukola naye ggwe n’ogenda mumaaso nonjeemera. nolwekyo, nkusaba ove mu nnyumba eno n’amaka olubeerera

kati, ani ayinza okukola ekyo mutabani we? Tewali n’omu!

Omusumba Thomas yakola ki? Yayambulamu omusipi gwe nagamba, “mutabani, wanjeemedde. nolwekyo, kubanga nkwegala nnyo ngenda kukubonereza. njagala okule oyige okussaamu ekitiiba abo abali mu buyinza. Nkola kino kubanga nkwegala njagala oyige okugonda.

abebbulaniya 12:5 egamba, “mutabani, tonyoomanga kukangavvulwa kwa mukama, so toddiriranga bwakunenya, olunyiriri 06-“kubanga mukama gwayagala amukangavvula”, era akuba buli mwana gw’akkiriza .

OKWONGEREZAAKO: Kino kyekitegeeza . Singa oba nga ogudde mu kibi kyonna era neweeyongerera mumaaso nga okyakikola , Katonda ajja kukubonereza era akugolol ssinga obeera nga walokoka .ssina oba nga ddala oli mwana wa Katonda ajja kkubonereza era akugolole .

Oyinza okubuuza, ssinga omuntu agamba nti ye yalokoka, agwa mu kibi nateenenya tasobola kudde eri katonda”?

Abebbulaniya 12: 7 egamba, “Mugumire ebireera ebyokukangavvulwa n'Empisa; Katonda abayisa nga baana . Mwana ki ayinza obutakangavvulwa kitaawe?

Olunyiriri 08-“BWEMUTAKANGAVVULWA(NGA ATE BULI OMU AYITA MU KUKANGAVVULWA) AWO MULI BAANA BEEBOLEREZE SSO SSI BAANA BAAMUNNYUMBA.

Mungeri endala Katonda agamba nti osobola okusaba okulokolebwa, okuzaalibwa omulundi ogwokubiri naye bwoogwa mu kibi noteenyanya ,nootakangavvulwa awo weerimba wekka na wekka. Ssi nsonga biki byoyogera,tolokokelanga ddala.

Bwoba nga walokoka noogwa my kibi ojja kufuna okukangavvulwa, weenyene era oddeyo eri katonda. Oba ssi ekyo, omulundi ogwasooka tewalokokera ddala.

OKUFUNDIKIRA:

Mu Kitano ky'Abebbulaniya Bbayibuli etugamba nti , waliwo ebintu bina ebitasoboka:

- 1. Tekisoboka Katonda okulimba. 6:18**
- 2. Tekisoboka omusaayi g'Embuzi n'Endiga okuggyawo ebibi. 10:4.**
- 3. Awatali kukkiriza tekisoboka kusanyusa Katonda.**
- 4. Tekisoboka kufiirwa bulokozi bwo. 6:4-5**

Bbayubuli esomesa nti obulokozi buggya nga Kristo ayingidde my bulamu bwo akaseera woolokokera woofunira“Obulamu obutaggwaawo”...ssi bulamu okutuusa lwoddamu okwonoona. Bulamu butaggwaawo. Bwa mirembe na mirembe. Bwoba nga osobola okufiirwa obulokozi bwo awo kiba kitegeeza ssi bwa Mirembe na mirembe. Ssi bulamu "butaggwaawo". Bbayibuli era esomesa nti tosobola kweelokola

Abefeeso 2: 8 egamba, “mwalokolebwa lwa kisa okuyita mu kukkiriza ---- era ssi Ku lwammwe Naye, KIRABO kya Katonda.

**Olunyiriri 09--“SSI LWA BIKOLWA, waleme kubeerawo eyeenyumiriza”.
AMAZIMA GA MIRUNDI EBIRI:**

1- Tosobola kwelokola okuva mu kibi ng'okola ebikolwa ebirungi.Kirabo Mukama kyakuwa.Lwa kisa kya Katonda. Ekyo kitegeeza nti waweebwa ekirabo ky'obulamu obutaggwaawo kyotaakolerera era nga kyewali tosaanira.Kyeko anti Ku lw'Ekisa olokolebwa.

2- Tosobola “kwekuuma” nga oli mulokole olwokukola ebikolwa ebiringi. Teweelokola lwa kukola bikolwa birungi , era tosobola kwekuuma nga oli mulokole lwakukola bikolwa birungi. Walokolebwa lwa KISA era ojja kukuumbwa lwa KISA.

Yesu yagamba, Endiga zange ziwulira eddoboosi lyange era nzimanyi era zingoberera, era nziwa obulamu obutaggwaawo, era TEZIRIZIKIRIRA era tewali yadde noomu alizikwakkula mu mikono gyange.

Kitange, Oyo eyazinkwasa, wamaanyi okusinga bonna; era tewali asobola kuzikwakkula mu mikono gya Kitange". (Yokaana 10:27-29).

Omutume Pawulo agamba, "Oyo eyatandika omulimu omulungi ajja kugumaliriza okutuusa Ku lunaku lwa mukama waffe Yesu Kristo". Abaf 1:6.

Katonda yeyakulokola era yagya okkukuuma nga oli mulokole. Tosobola kwelokola era tosobola kwekuuma nga oli mulokole.

Peetero ekisooka 1: 3 " Yeebazibwe oyo Katonda kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo! Mu kusaasira kwe okungi atuwadde okuzaalibwa okupya okuyita mu suubi eddamu mu kuzuukira kw'abafu.

04--"era okuyita mu busika OBUTAYINZA KUSAANYIZIBWAWO, OKWONOONEKA, OBA OKUKADDIWA ---bwakuumibwa mu ggulu Ku lulwo,

05--" era abo okuyita mu kisa BAAKUUMIBWA AMAANYI GA KATONA okutuusa Ku bulokozi obuggya obugenda okulabisibwa mu Biro eby'oluvannyuma".

Amazima gali wano mukufundikira: twalokolebwa lwa kisa n'amanyi ga Katonda era tukuumibwa lwa kisa n'Amanyi ga Katonda. Okuva Ku luberyeberye ppaka Ku nkomerero byonna bya katonda! Katonda alokola, Katonda akukuuma ng'oli mulokole! Ekyo kye Kisa!

Oli mulokole. Okakasiza ddala nti walokoka, bwoba teweeakasa osobola okusaba essaala eno n'oyaniriza Yesu naayingira mu mutima gwo.

Oli mwetegefu okuleka ebibiibyo byonna okkirize Yesu afuge obulamu bwo?

Oli mwetegefu okuwaayo obulamu bwo eri Kristo?

Bwekiba bwekitya, kati saba essaala oyanirize yesu ayingire mu mutima gwo ne mu bulamu bwo. ajja kukulokola!

ESSUULA EYOKUSATU

KATONDA AFAANANA ATYA?

ENJIGIRIZA EKWAATA KU KATONDA

OKWANJULA

Ediini y'Abayindi erina ba katonda banji. Basinza ente, emigga, enjazi, n'ebintu ebirala binji, ebifaananyi binji. Omuntu bwagenda mu kyalo ky'Ebuyindi tewaliyo kkanisa yonna---wabula ekifaananyi kyokka ekyakolebwa n'emikono gy'abantu.

Eddini ya ba Bbuda bbo okusingira ddala tebakkiririza mu Katonda. Bakkiriza nti waliyo emitendera musanvu gyoyitamu okutuuka mu kifo ekyo ekiyitibwa Nirvana.

Nirvana kyekki? Kye kifo wofuukira “obutaliimu”. Wofuukira “obutaliimu” osobola okuba n'emirembe. Bwolemererwa mu bulamu buno , awo ozibwaayo buto noddamu nogezaako omulundi omulala.

Obusiraamu bukkiriza nti waliyo katonda naye Katonda waabwe ssi ye katonda gwetusanga mu Bbayibuli..Katonda waabwe ye Allah. Munsu ya Saudi Arabia nga bweyitibwa kati , mu kiseera kya muhamadi, emyaka 750 nga jiyiseewo oluvannyuma lwa Yesu Kristo, waaliwo ekibbookisi ekiddugavu ekinene. Abantu okweteloola ensi yonna bajjanga ne basinza ekibumbe ekyali mu kibbookisi

Mohammadi yabuulira nti waaliyo Katonda omu yekka. Naye ate , mu kibbookisi mwalimu ekifaananyi nga yali katonda w'Omwezi. Ekibumbe katonda w'omwezi ne kituumibwa Allah., Nolwekyo, weyatondawo eddiini y'obusiraamu, naggyayo erinnya lya katonda eyali mu kibbookisi naagituuma Allah. Buli Muzikiti munsu yonna guliko ekitundu ky'omwezi waggulu waagwo.

Bino byonna ne bakatonda abalala baatondebwa bantu. Katonda wa Bbayibuli yani ?

Tugenda kutunnuulia embala za katonda owa Bbayibuli

WALIYO KATONDA OMU YEKKA.

Obusiraamu busomesa nti abakulisitaayo bakkiririza mu bakatonda basatu. Naye ate, Bbayibuli esomesa nti wakiyo Katonda omu Yekka , so ssi basatu.

Nze ng'omuntu, nze (omuwandiisi w'akatabo kano) ssi sisinkanangako mukulisitaayo yenna akkiririza mu bakatonda basatu .

Abakulisitaayo bakkiririza mu busatu. Katonda atuula mu busatu: Taata , Omwana, n'Omwoyo mutukuvu.

Tusobola okutegeera kino? Nedda! Endowooza y'omuntu tesobola kutegeera kino, ekiriwo kuba kumanya katonda .ssinga tukikola awo katonda aba afuuse mutono nnyo.

Olumu nze nga(omuwandiisi w'akatabo kano) Nali mu ggwanga lya Cuba. Cuba ggwanga erikkiririza mu butonde. Abaana basomesebwa mu masomero gonna nti Katonda taliyo.

Mu ndaba eyabeby'obutonde , Katonda teyatonda nsi okusenziira Ku bbo. Ensi yabaawo mu ngeri kibwatukira oba kugwaawo, muni yonna era ensi yebeerawo bubeezi. Yabeerawo bubeezi awatali kigendererwa mu ngeri ya Kabenje.

Bakkiriza nti omuntu yava mu nsolo okusobola okubeerawo. Ebyo byebasomesa mu mawanga gonna agakkiririza my Butonde.

Bwetwali tutambula okuyita mu gwanga nga tuli mu mmotoka, ekiro kimu twayimirira okufuna Ku mukka. Nasisinkana omusajja nemmubuuza okusenziira kunzikiriza ye, Ku Katonda. Yangamba nti ye takkiririza mu Katonda.

Kyali kiro era omwezi gwali gweememudde. Namusaba atunule waggulu mu bbanga he mugamba kino;

“Buli kumakya enjuba evaayo, era enjuba eriko walako okuva kuni okutukugira okwookebwa buli lunaku. ”.

“buli kiro omwezi guvaayo, era guliko akabanga akawerako okuva Ku nsi okutukugira okuziyira buli kiro ng'obunnyogovu buzze.”.

Namunyonyola nti ensi yonna yatondebwa mungeri etuukiridde .ffe twetoolola enjuba. Era n'emibiri gyaffe gyatondebwa mu ngeri etuukiridde , obusuwa bwonna mu mibiri gyaffe bukolera mu mitendera.

Entegeka y'Ensi eno n'emibiri gyaffe bitubuulira lwatu nti waliyo omutonzi.

Kyandibadde kyangu okukkiriza ssinga omuntu akwata Bbomu nagikasuka ku kkuumiro ly'ebitabo nga lijjudde ebitabo awo oluvannyuma ebitabo byonna nebikomawo nga we byaabadde .ekyo tekyandisobose.

Okukkiriza nti okutondebwa kwonna kwatuukawo mu ngeri ya kibwatukira ara kwajja mu ngeri ya kabenje kitwala okukkiriza okulala okukkiriza nti walito Katonda.

Olunyiriri olusooka mu Bbayibuli lugamba, "ku luberyeberye Katonda"....(Oluberyebeye 1:1).

Bbayibuli tegezaako kukakasa nti waliyo Katonda.Wabula ekiakaatiriza bulungi nti waliyo Katonda.Mazima gennyini.

Oluberyeberye 1:1 egamba,"Katonda yatonda eggulu n'Ensi"

Katonda atadde okumanya okw'obutonde n'okutegeera mu bantu nti gyali era ye mutonzi.

Abaruumi 1:19--"kunga ebyo ebimanyika birabika eri bbo kubanga katonda yabibalabisa".

20--"kubanga ebyo ebitalabika okuva ku kutonda kwensi birabikira ddala nga bitegeerwa ku bitonde, obuyinza bwe obutaggwaawo n'obwakatonda bwe ;babeere nga tebalina kya kuwoza.

21--newakubadde baamanya Katonda, tebaamugulumiza nga Katonda oba okumwebaza naye nebagobereranga ebitaliimu ne mpaka z'emitima gyabwe emitima gyabwe egyobusirussiru negizikirizibwa.

22--"nga beeyita abagezi ne bafuuka abasssirussiru"

23--"ne bawaanyisa ekitiibwa kya Katonda ataggwaawo okufaanana ekifaananyi ky'omuntu aggwaawo, neky'ebibuuka , neky'ebirina amagulu ana neky'byewalulaa.

24--“Katonda kyeyava abawaayo eri obugwaagwa mu kwegomba kw’emitima gyabwe,okwonoona ekitiibwa ky’emibiri gyabwe bokka na bokka.

25--“kubanga amazima ga katonda baagawanyisaamu obulimba. Nebasinza era nebaweereza ekitonde okusinga omutonzi eyeebazibwa emirembe n’emirembe , amiina.”

KATONDA MUNTU!

Omuntu asobola okusika, okuwulira, olulaba, okwagala, okwogera.Katonda bino byonna abikola.

Mu luberyeberye¹ , tulina olugero lw’okutonda.Katonda yayogera ensi nebeerawo God.

1:3-Awo Katonda naagamba, “leka wabeerewo ekitangaala”; era newabaawo ekitangaala. Wano tulaba nga Katonda yayogera.

Emirundi n’emirundi mu ssuula 01ey’oluberyeberye bbayibuli egamba, “Katonda yagamba, Katonda yagamba, Katonda yagamba”....

Tusobola era okukijjukira nti Katonda yayogera ne Adamu ne Kaawa mu nnimiro ya Edeni.Katonda yayogera ne Musa ne bannabbi bonna.

Katonda muntu asobola okwogera era n’okuwulira ng’omuntu omulala yenna.

Katonda weyafuuka omuntu asobole okujja abeereko mufte , yazaalibwa omukazi atamanyi musajja, Malia. Erinnya lye ye Yesu.

Yali asobola okuwulira ennaku, obusungu, okwagala.Yali ayogera, awulira, akwata era nga awulira obulumi. Bweyakomererwa ku musaalaba, yakaabira waggulu ng’ali mu bulumi eri kitaawe , “Taata basonyiwe kubanga tebamanyi kyebakola.

KATONDA MWOYO

Yokaana 4:24 says, “Katonda mwoyo: era abo abamusinza bamusinza mu mazima ne mu mwoyo”

Mu luberyeberye 1:26, Katonda yagamba, “leka tukole omuntu mukifaananyi kyaffe”

Ne ku kwefaananyiriza kwaffe; era leka bafuge ebitonde byonna ebyensi, n'ebinyonyi ebyomubbanga, n'ente n'ensi yonna. na buli kyeealula kungsi kyonna".

Ekyo kitegeezaaki ?

Tekitegeeza kifaananyi kya mubiri. Yali ayogera ku kifaananyi eky'omwoyo. Guno gwandibadde mwoyo , emmeeme, okwagala n'okulumilizibwa k'womuntu.

ekyokulabirako, omuntu yaweebwa amanyi okuva eri katonda , obusobozi bw'okusalawo, asobola okwesalirawo. Kino kyekifaananyi kya Katonda.

Empologoma eggya kutta omuntu esigale nga telina kyewulira kubanga telina kulumirizibwa, omuntu tasobola okutta nga tawulidde oba nga tategedde nti kyaakola kikyamu.

Omuntu asobola okulumirizibwa .kino kyekitegeeza okutondebwa mu kufaanyi kya Katonda.

Katonda talina guno mubiri n'omuntu. Ye Mwoyo. nolwekyo, asobola okuba mu buli kifo, mu budde bwonna ate mu kaseera keekamu. Ye takugirwa ng'omuntu bwabeera mu kifo kimu.

KATONDA MUTUKUVU

Temuli kibi oba obutali butuukirivu mu Katonda.

Mu yisaaya 6:3 ba malayika baali ku nnamulondo nga basinza:

"mutukuvu, Mutukuvu, Mutukuvu, Katonda w'ebitonde byonna, "Ensi yonna ejjudde ekitiibwa kye".

yisaayayatuuka ku nnamulondo ya mukama naagwa wansi naakaabira waggulu ' Zinsanze nze, ndi muntu alina emimwa ejitali milongoofu" (olunyiriri 05).

okubikkulilwa 4:

bamalayika naali bayimbira waggulu emisana n'ekiro obutalekaayo olunyiriri 08- "MUTUKUVU, MUTUKUVU, MUTUKUVU, YE KATONDA OW'AMANYI" EYALI, ALI, ERA ALIBA".

Olunyiriri11-“oli mutukuvu mukama era katonda waffe, okufuna, ekitiibwa n’obuyinza, n’amanyi, kubanga ggwe watonda ebintu byonna, era olw’amanyi go byabeerawo era byatondebwa”

KATONDA KWAGALA

Waliwo eddiini munsu yonna olwaleero era eddiini eyo eyitibwa “Bukyayi”.Obukyayi eri abo abatakkiriza kubuulirwa era nekusomesebwa buli sabbiiti mu makungaaniri g’amasinzizo.Lwaki ?kubanga mu ndaba yaabwe, katonda akyawa abantu bbo bebatwa okuba abatakkiriza. Batuyita “Bakaafiiri”.

Katonda wa Bbayibuli Katonda wa kwagala. Omukwano gwe tegusosola.Mu ngeri endala, ayagala buli muntu nga talina bukwakkulizo. Tewali kyoyinza kukola okukomya katonda okukwagala

**One can hate God but he will respond with love.
One can say, “I do not believe in God”. God responds in love.
One can be a Pastor. God will love you.
One can be a prostitute. God will love you.**

Banadiini basomesa mbu, "Okwagalwa Katonda olina kweyisa mungeri y'okwegendereza(obuwombeefu). Naye ddala eyo siyembala ya Katonda w'omu Baibuli.

Yokaana 3:16 egamba "nti kubanga Katonda bwe yayagala ensi bwa'tyo, n'okuwaayo na'waayo omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutagwaawo.

Katonda ayagala enkolagana yo naye eyenamaddala.

Banaddini bonna bagezako okwewomyawomya n'okweewombeka mbu ekyo kinasenyusa Katonda, era mbu munkola eyo emuntu bwaba afudde kimu twala muggulu. naye eby'obyonna nkola yamuntu okugezako kwetetenkanyiza ekuba eribatusa ku katonda ne muggulu.

Obukulistayo obwanamaddala siddiini. Eddini y'enkola yokwefubako okuganja mumaso ga Katonda.

Okukulisitaayo obwanamaddala ye "nkolagana", yenkolegenayo gwe mwene ne Katonda omulamu, eyatonda ensi ne ggulu.

Yokaana 17:3 egamba Buno bwe bulamu obutagwaawo okutegeera, Katonda omu owamazima n'oyo gwe watuma, Yesu Kristo.

Mungeri endala, obategedde banaddini ne'bibafaako, Katonda ayagala enkolagana yo naye etandiikirewo mbagirawo (Kati)

Okuwumbawumba

Leero osobola okumannya Katonda. Osobola okubeera nenkolagana ne Katonda era ofune obulamu obutagwaawo.

Ofuna Otya Omulokozi (Olokoka Otya?)?

- 1. Okwenenya: Kino kitegeeza okuwayo obulamu bwo eri Kristo nga omulokozi era omununuzi wo yekka.**
- 2. Okukiriza: Kino kitegeeza okukiririza mu yesu Kristo nga yatufirira olw'ebibi byaffe, nazikibwa ate era nazukira mubafu kulunaku olw'okusatu nesitaan yenyini akiririza mu Yesu Kristo. Okukiriza kwo'mubaibbuli kwekuwaayo obulamu bwo eri Kristo nga mukama era omununuzi wo.**

Mukukiriza, yengeri yokka gyosobola okufuna Kristo mu memee ye (mundayo) n'osonnyiyibwa nebibi byo, wamu n'okukyuusa obulamu bwo era Abaruumi 10:13 egamba "Kubanga, buli alikaabirira erinya lya mukama alirokoka" Bwokowoola mukama okukukyalira mumutima gwo omufuna era akukyusa.

Yokaana 1:12 egamba, "nti naye abonna abamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, be bakkiriza erinya lye." Kino osobola okukikola kati (mbagirawo) ng'okiriza Yesu Kristo mubulamu bwo, era ogenda okumanya Katonda omulamu era omutonzi wabyonna ensi ne ggulu.

Saba era osembeze Yesu Kristo mubulamu bwo kati!

ESSULA Y'OKUNA
YESU KRISTO YAANI?
ENJIGIRIZA KU YESU KRISTO

ENYANJULA:

- ❖ Ekibuuzo eky'omuzinzi ensi kyeyebuuza kiri nti "Yesu Kristo Yanni?"
- ❖ Ddala Yesu Kristo nabbi bunabbi kyoka?
- ❖ Ddala Yesu Kristo yali nabbi wa Israeli yokka?
- ❖ Yesu Kristo yali bubeezi muntu mulungi kyokka?
- ❖ Ddala Yesu Kristo yali bubeezi musomesa alung'amywa ku kibi ne kirungi?

Ekyokuddamu ku kibuuzo kino kisinziira wa, naye nga amazima gangeri satu zokka ezokuddamu.

- A. Yesu Kristo yali muzoole oba (mutoletole),
Yesu yagambanga nti ye katonda. Bwaba nga ddala yeyitanga Katonda kyokka nga ddala si Katonda ekyo kitegeza yali mutoletole (omuzoole)
- B. Yesu Kristo yali mulimba.
Yesu yayigirizanga nti yeyali Katonda. Bwaba nga ddala yali akimanyi nti si katonda awo aba yali mulimba.....
- C. Yesu Kristo yali katonda eyafuka omuntu. Yali katonda, kinno kyeyeyitanga antakera nga agamba nti ye katonda mwenne ye katonda.

Kati osobola okusalawo, yesu yali muntu nabaki?

Katuyige kunsonga 06 ezamazima okuva mu baibuli ezitwoleka ku Yesu yali muntu nabbaki:-

- i) YESU KRISTO YALI KATONDA
- ii) YESU KRISTO YALI MUNTU
- iii) YESU KRISTO TEYALINA KIBI
- iv) YESU KRISTO YE MUKAMA WAFFE ERA OMUNUNZI WAFFE
- v) YESU KRISTO YAZUKIRA OKUVA MU BAFFU

vi) YESU KRISTO AGENDA KUDDA NATE OKULAMULA ABALAMU N'ABAFFU

I) YESU KRISTO YALI KATONDA

Kigambo kyakatonda kimwogerako lunnye nga ye KATONDA.

Yokaana 1:1 agamba nti, "ku lubereberye waliwo kigambo, kigambo n'aba awali katonda, kigambo n'aba Katonda.

Kigambo kitegeeza ki? Era kiki kyebogerako?

Kyolina okumannya kigambo yaliwo kulubereberye mungeri endara, kigambo yali Katonda.

Kigambo taligwaawo. Kigambo talina ntandiikwa era kigambo taligwaawo, kigambo talivaawo (walubererea).

Nekyokubiri kigambo nafuuka omuntu

Yokaana 1:14 egamba nti "kigambo n'afuuka omubiri, n'aberako gyetuli ne tulaba ekitibwa kye ngekyoyo eyazalibwa omu yekka kitaffe nga ajudde ekisa n'amazima.

N'olwekyo Katonda yafuka omubiri n'abeera mu masekati gaffe oyo ye Yesu Kristo.

Yokaana ayongerako nti, "Tulabye ekitibwa kye, ekitibwa kyoyo omu yekka, eyava eri Kitaawe, nga'judde ekisa n'amazima (Essuula 14).

Yesu okuzalibwa embeerera Kiraga ebintu bibiri, Yesu yali Katonda era muntu. Teliyo muntu. wabulijjo yali azaliddwa mberera.

ii YESU YALI MUNTU

Mungeri endala, katonda yayambazibwa omubiri nafuuka omuntu waliwo abalwooza nti" maria yayenda nafuna alubuto napangapanga awone ekiswaalo. Naye nga ekyo tekisoboka ne yusufu yenyini eyali emwogereza teyalikirizza buyaye obwoe nagenda ne mumaso n'okumuwasa Olubereberye teyabikiriza, ebya maria okubera lubuto era nayagala okumuleka naye nga akikola mukyama era yali takyagala nga alwooza yayenda.

matayo 1:19 egamba nti" Awo yusufu bba kubanga yali muntu mutukirivu natayagala kumukwasa nsonyi yali alowooza okumulekawo kyama.

Awo malaika wamukama nalabikira yusufu mukirooto ngagamba nti" Yusufu omwana wa Daudi totya era tokeng'entererwa meeme muwase Maria okuba mukazi wo kubanga olubuto lwalina sirwa muntu webula lwa mwoyo omutukuvu.

Era agenda kuzaala omwana ow'obulenzi era on'omutuma erinnya Yesu kubanga yajja okulokola abantu be okubajja mu bibi byabwe (Matayo 1:20-21).

Bbaibuli egamba nti Yesu yakulira mu mubiri.

Luka 2:40 egamba nti "Awo omwana nakula, n'ayongerwako amanyi, najjuzibwa amagezi n'ekisa kya Katonda ne kibanga ku ye. Yesu yazalibwa Beteremu ekisangibwa mu bukiika ddyo (maserengeta) ga Yisirayiri (Mubitundu bya Yuda) naye era yakula ngo'mwana yenna mu kibuga kye Nazareti (Yisirayiri).

Kitaawe eyamukuza, Yusufu, yali mubazzi. Yesu bweyaweza emyaka nga kumi n'ebiri (12) Yusufu ne Maria ne batwala Yesu e Yelusalemi awaali yeekaalu (oba ekiggwa kya Mukama)

Luka 2:21 egamba nti "Awo ennaku omunaana bwe zatuuka ez'okumukomoleramu, n'atumibwa erinnya lye Yesu, liri eryayogebwa Malaika nga tannaba kuba mu lubuto.

Ebiro bwe by'atuka ebyokwetukuza ng'empisa (amateeka) ga musa bwegaali olwekyo yalina okukomolebwa Yusufu ne Maria ne bamutwala e Yelusalemi okumuwayo eri mukama.

iii YESU TEYALINA KIBI

Lwaki yesu yazalibwa embeerera y'omukazi.

Ensonga esooka lwaki Yesu teyalina kibi kubanga ekibi kya sensera omuntu. Abaruumi 5:12 egamba nti "olwebyo, nga ku lw'omuntu omu ekibi bwe kyayingira mu nsi, bwekityo okufa ne kubuna ku bantu bonna, kubanga bonna baayonoona.

Yesu yazalibwa taliko kibi, kubanga teyalina taata ku nsi, ekibi kyayitira mu musajja so si mukazi.

- N'olwekyo Yesu teyanyoomako ku bazadde be.
- Yesu teyalimbako yadde okukumpanya.
- Yesu teyayakirira nga (olwabakazi).
- Yesu teyakabawaza muntu n'omu.
- Yesu teyalina bujja yadde obukyayi.
- Yesu teyalina yadde engge (effubittizi).

- Yesu teyalina kasunguyira.
- Yesu amalala tegali mu ye.
- Yesu teyali nakiggwannyizi nakamu.
- Yesu yatuka n'okusendebwa sendebwa sitani agwe mukibi naye wa! teya kikola
- Kikumi ku kinakyo yesu yali mutukirivu (awatali okuwanannya.)
- Yesu yali mutukirivu
- Yesu yali Katonda ayambiziddwa omubiri.

iv YESU YE MUNUNUZI

2 Akabakolinso 5:21 egamba nti, "oyo ataamannya kibi, yafuuka ekibi kulwafe tulyoke tufune obutukirivu bwa Katonda mu ye.

Kino kitegeeza nti, "Yesu Kristo eyali yatukirira mu byonna era omutukirivu yafiira ku musalaba era n'ayiwa n'omusayi. Yesu bwe yafira ku musalaba, Katonda yamutekako buterevu ekibi kyaffe fenna.

Isaaya 53:6 egamba nti "Ffenna twawaba ng'endiga; buli omu ku ffe n'akwata ekkubo lye; Mukama n'amuteekako obutali butuukirivu bwaffe ffenna."

- Kitaawe mu ggulu yamussako ekibi kyo n'e kibi kyange.
- Yesu yajogebwa n'atyoobolwa olwokwoonona kwange n'okukwo
- Yesu yajogebwa , n'abonnya bonnyezebwa olw'ebibi byange n'awe
- Yasibwa kuninga lwakuba nze.

Yokaana 1:29 egamba nti, 'Ku lunaku olwaddirira, Yokaana Omubatiza n'alaba Yesu ng'ajja, n'agamba nti, "Mulabe Omwana gw'Endiga gwa Katonda aggyawo ebibi by'ensi."

v YESU YE MUNUNUZI WAFFE

Yesu ye mukama, amakulu gakyo, Yesu ye kabaka waffe, Yesu ye mukama waffe. Yesu ye waffe naffe tuli babe. Yesu yekka y'akuuma obulamu bwaffe.

Yesu okuba mukama w'obulamu bwo kitegeeza olina okumuwa n'obulamu bwo afuge muggwe.

Okulokoka olina kuddira bulamu bwo n'obukwaasa Yesu Kristo nga ye Mukama era omukirize ng'omununuzi wo.

Abaruumi 10:9 egamba nti, "Kubanga bwoyatula Yesu nga ye Mukama n'akamwaako n'okkiriza n'omutima gwo nti Katonda yamuzukiza mu bafu Olirokoka.

vi YESU YAZUKIRA MU BAFFU

Baibbuli ekyogera lunnye nga Yesu bwe yafiira kumusalaba olw'e kibi kyange era naziikibwa n'azukira kulunaku olwokusatu.

1 Abakkolinso 15:3-4 "Kubanga nabategeeza ekigambo ekikulu ennyo nange kye nnaweebwa ekigamba nti Kristo yafa olw'ebibi byaffe, ng'Ebyawandiikibwa bwe bigamba, era nti Yaziikibwa, n'azuukizibwa ku lunaku olwokusatu ng'Ebyawandiikibwa bwe bigamba,"

OKUWUMBA WUMBA

Ekibuzuuzo kiri nti, "ddala Yesu Mukama wo era Mununuzi wo? Osobola okusembeza Yesu Kristo mu bulamu bwo lerro.

Ekisooka, wenenye ebibi byo byonna ekyo kitegeeza okuba omwetegefu okukyuuka okuleka ebibi, era n'okukyuusa obulamu bwo n'obuwa Mukama (Kristo) abufuge era akole mubulamu bwo. Akyuse obulamu bwo era abere Mukama wo.

Kyakubiri, kiririza mu Kristo, Kino kitegeeza nti, "tokiriza bu kirizi mu kufa n'o kuwanikibwa ku musalaba olwe bibi byo! naye waayo obulamu bwo obumukwase Kristo.

Olw'okukiriza osobola okusaba era n'omwaniriza mu bulamu bwo kati mbagirawo, n'abeera Mukama wo era omununuzi wo.

ESSUULA EY'OKUTAANO

MWOYO - MUTUKUVU Y'ANNI?

ENJIGIRIZA KU MWOYO MUTUKUVU

Njogera mazima: kulw'obulungi bwamwe nina okugenda kuba bwemba sigenze omubeezi, tajakujja; naye bwen'genda, namubasindiikira mwe.

ENNYANJULA

Ffumitiriza (lowoozamu) engeri abayigiriza gye bawuliramu nga bategedde nti Yesu anatera okukomererwa. Babadde batambula naye, bawereza naye okumala emyaka esatu. Yali mukama wabwe, era baali balese bingi ne bamugoberera. Baali bayimiridewo ku ye.

N'okuwulira bamuwuliranga ng'ayigiriza n'okusomesa. N'ebyamagero bingi yabikola nga balaba.

Yazukizanga nabaffu. N'abayigiriza okwagala so si bukyayi. N'ababuliranga amazima ku bwakabaka bwa Katonda.

Kati bambi balaba anatera okuffa. Balaba anatera okubalekawo, bambi ennaku yajula okubata n'esuubi nga tewali.

Awo Yesu n'asuubiza ate nga kwasubiiza atukiriza era akuuma ekigambo kye.

Yasubizza ki? Yasubiza nti, "njogera mazima ku lw'obulungi bwamwe "nti ng'enda, bwesigenda omubeezi tajje, Naye bweng'enda namusindiika najja jemuli.

Yokaana 16:7

Yesu yagamba nti, "Era njakusaba Kitange, era anabawa omubeezi omulala oyo anababeera emirembe n'emirembe. (Yokaana 14:6)

Okuva Yesu lwegenda era n'asindiika omwoyo omutukuvu kikakata kubagoberezi ba Kristo okumanya Omwoyo Omutukuvu Y'ani?

I. OMWOYO' MUTUVU Y'ANI?

A. Omwoyo Omutukuvu wabuliwo (muntu)

Abamu bamugerageranya ng'ekintu. Yesu tetumugeregenya nti kintu. Ekintu taba muntu.

Yesu yayogera ku kubatiza abakiriza abajja, "Okubabatiza mulinya Iya Kitaffe, n'omwana, n'omwoyo omutukuvu. Abo bonna waggulu bantu babuliwo oba "trinita."

Era Omwoyo Omukuvu alina endowooza n'ekyayagala. 1 Abakolinso 2:11 Essuula etusomesa nti, "Buli mukiriza (omulokole) yawebwa omwoyo Omutukuvu "nga bw'e yayagala." Bantu bokka bebalina kyebayita okutegeera ne endowoza.

B. Omwoyo Omutukuvu Katonda

Tumanyi ng'Omwoyo Omutukuvu Katonda kubanga waliwo engeri nnya ez'obwa Katonda ezinyonyola Katonda ne kyali.

C. Omwoyo Mutukuvu Tagwaawo

Abebulaniya 9:14 egamba

"Olwokuba Katonda tagwaayo amakulu gakyo talina ntandiikwa wade enkomerero, Omwoyo Omutuvu taggwaawo tumanyi nga Omwoyo Omutukuvu Katonda mwene. Katonda yekka yataggwawo.

D. Omwoyo Omutukuvu wali bulijjo

Zabbuli 139:7-10 egamba

7 'N'agenda wa okuva eri omwoyo gwo? Oba naddukira wa amaaso go?

Oluvanyuma nayita abagala okuwayo obulamu bwabwe eri Kristo okujja era bafukamira ku ttaka (mumaso) gange mpola mpola okuva emabega w'ekisenge omusajja natambula ng'agenda mu maso, nafukamira ku maviivi ge mu maso gange era natandiika okukaaba/okwooza ku munnye n'agamba munange nsonyiwa olwekyo kyenakola, natusa nokubuuza nti naye ddala Mukama osobola kusonnyiwa? Kyewunnyisa, nkizula luvannyuma ng'omusajja omuwombeefu mu maaso gange nga yemusajja omuttirimbuzi (omutemu) eyakuba amasasi abantu nabatta emirambo ena mu ssaza liri nga yewuyo namukakasa nti teriyo kibi Katonda kyata sonnyiwa olunaku olwo, nakulabira omutemu ng'asaba Yesu okumusonyiwa era ajje mu muttima gwe amukyuse.

Kyali kyaddala? Ye ne Katonda bebali bakimannyi. Bwaba yali akiteegeza kyeyali asaba katonda yatwala ekibi kye nakisa ku yesu (ekyokutta) yesu kristo yakomelerwa olwekibi kyomuntu.

Yesu kristo yafiira ku musalaba, yali abonerezebwa olw'obutemu obwo'musajja oyo eyali y'enenyeza, yalamulwa era negumusinga ogwokuta abantu abo,

bonna abasibe abali basingisindwa emisango giba tegibasinga kubanga gy'atekebwa ku yesu atenga teyalina kibi yali mutukirivu.

Omusajja eyali asingisiddwa emisango bwe yakabira waggulu nafuna Yesu nga Mukama era Omulokozi we, Katonda namusasira era namuwa obutukirivu.

Omusajja oyo omutemu bwaligenda mu masso ga Katonda kitaffe ku lunaku luli olw'okusala emisango Katonda taliraba kibi kya musajja oyo eky'obutemu oba ekibi ekyengeri yonna. Katonda kitafe ajakulaba butukirivu bwa Yesu Kristo nga bwebuli ku musajja oyo munda mu mutima gwe nga mujudde mutabaniwe Yesu Kristo. Nolw'ensonga eyo yokka katonda kitaffe alimugamba kwaniriza mukifo kyokwesima telibayo kimulobera n'okumugana munyumba munda.”

Kino baibbuli ekiyita ku kyusibwa “Butukirivu”. Obutukirivu ky'ekisannyizo ekitegeeza “okuba omulokole”.

Mu kitabo kya babibbuli, *Abarumi 5:1* esoma, n'olwekyo, okuva olwo twatukuzibwa mbagirawo, netufuuka abatukirivu era ne tutabagana ne Katonda okuyita mukukiriza kale twogera mazima tubere n'eddembe no

kutabagana olwo kunnyweza n'okweyagalira mu ddembe lya Katonda okuyita mu Mukama waffe Yesu Kristo (omununizi, afukiddwako amafuta).

Obutukirivu kitegeeza Katonda agenda kumpisa bulungi nga atayonona nga ko. Bwetukukuzibwa, okusingisibwa omusango ne bibonerezo oly'ekibi kyo biba bijidwawo era oba olina okusikizibwa obutukirivu bwa Kristo.

Mungeri endala, Katonda kitaffe akebera mutima mu kifo kyo kutunulira obwagguuga bw'ekibi, atunulira obutukirivu bw'omwanawe. Obutukirivu kye kisannyizo ekikukakasa ngo funye yesu christo okuba mulokozi wo era mukama

wo (Yokana 1:12). Bwotukuzibwa okusalirwa omusango mu maso ga Katonda bivawo.

Omuntu bwayimirira mu kooti avunanibwa era nalindirira omulamuzi okugumusingisa omulamuzi yomu bwa yimirira butengerera n'asoma ensala ye nagamba nti taliko musango. Omusajja oyo bwe bamulangirira bagirawo nti talina musango afuluma nga akadda nga takyalina musango gwona era abalongoseddwa. Okubeera omulongofu mu maso ga Katonda n'okusingawo kisinga okulangirirwa mu kooti nga bwotalina omusango (wajjeredde) ekyo kitegeeza nti alangiriddwa okuba omutukirivu" Katonda yaddira obutukirivu.

Abagalatiya 3:6 mu baibbuli egamba nti Ibrahim yakiriza ekigambo kya katonda nekimubalirwa okuba mutukirivu. kino kiyandiikidwa mu ndagaano empya nga (logizomai) kiteggeza kibalidwa nekikubisibwa mu nekitekebwa ku (account).

Ibrahim yakiriza Mukama era ekikolwa eky'o kyamubalibwa kuba obutukirivu. Tekitegeza nti tekyamugwanira ku lulwe era nekiba ekyomuwendu ng'omutukirivu. Kino tekitegeza nti kyali kimugwanira ng'akasimo ekyo kyilabika nga ng'okulokolebwa olwe kikulwa. Yerekereza byonna ebyali bimulemesa okutambulira awamu ne Katonda okujjako ekubo lya Katonda ely'obulokozi.

Mu Baruumi 4:6 ne 8 bayibbuli egamba nti "....."

Olunyiriri 22-25 egamba nti....

Kati sikululwe yekka naye nafe kyawandiikibwa ku lwaffe abamukiriza yatusembeza kimusibwako ku lwaffe naffe ne kituwebwa abamukiriza oyo eya zukiza Yesu Mukama waffe okuva mu bafu oyo eyatusumulula olw'okukyusibwa, era eyazukizibwa olw'ebutukirivu (okutukuzibwa).

Ekigambo "ekigamba nti. " kyamuwebwa" tekyawandikirwa Ibrahim yekka, naye kyawandirwa ku lwaffe fenna abakiriza mu Katonda kitaffe, oyo eyazukiza Yesu

mu bafu olw'okukiriza kwafe mu Kristo " akawunt" (account) zafe zilina okujuzibwa obutukirivu bwe.

Osobola okwetunulira era ne webuza ekyo kisobka kitya? Neemannye, okikula kyange ne mbala yange, ndimwononnyi sisanira na kusanira kutukuzibwa. Okutegera ekyamagero kyokutukuzibwa, olina okikola mu kukiriza, kiriza amazima ago Yesu kirabo yaleka obulamu bwokwoonona (yali atukiride) kyoka ely'ebibi byaffe, yafa enfa eyaboononnyi ng'awanikibwa ku musalaba ng'eyali omwononyi lwaki?

Kubanga, mukasera kw'okufa kwe, Katonda kitaffe yasa ku Yesu ebibi byaffe byonna yetika yeyenyini obuzito, n'okusinginsibwa omusango gw'ekibi ogugwo n'ogwange. Yagenda ku musalaba okukomererwa nga talina kibi osobole okutununula okutuja mu kikoligo n'amannyi agekibi yaffiirira gwe nange.

Mu Baruumi 5:19.....

Mu 1 Abakolinso 1:30

Nkakasa nti otegedde era okenkuse nti okutukuzibwa, kino kirabo ekiva eri katonda era kituwebwa lwa kisa era nolw'okuganja kwa katonda. Okuvunula kwa kyo (obutukirivu) kye kirabo ekituwebwa obuwebwa tekifunwa namannyi oba namagezi.

Kyekirabo ekyekisa omuntu kyatafuna kuva eri omulala oba okukimuwa olw'okusanira. Bwofuna kristo mu bulamu bwo bintu bibiri bijja kukubakko, ekisoka ekibi kijjakukuvaako kidde ku yesu ekyo kubiri, butukirivu bwa yesu kristo bujja kuyingira mu mutima gwo era okuwannyisibwa kujja kugenda mumaso.

Yesu awanyisa obutukirivu bwe ku lw'ebibi byo. Kale laba okuwanyisa okutekanika. Mazima nawanyisa obutukirivu bwe mu bibi byaffe.

Abarumi 3:24 egamba.....

Beera mukakafu nti byonna ebikugambiddwa wano obijemu enjjawulo. Obitukirivu kirabo ekiva eri Katonda kikakasibwa lwa kisa, era kwekuganja okutaliko kkomo, okuva eri Katonda. Mu kunnyonnyola ekirabo kyabuwa (bwerere). Tebakyetusako ekirabo ekikuwebwa lwa kisa.

OKUWUMBA

Okubeera omutukirivu mulimu nabino:

Okutukuzibwa mbagirawo. Kavvuna Kristo ayingira mu bulamu bwo mbagirawo ofuka mutukirivu.

Okubeera omutukirivu kiteegeza kulangirirwa nga bwe gitakusinga (omisango) olw'ekibi kyonna kyewali okoze era neebyo by'osubira okukola. Okutukuzibwa kiteegeza kusasirwa kwa Katonda olwo Kristo neyetika ebibi byafe byonna (ebyayita, ne binaja) kulwaffe yafiira ku musalaba ku lwebibi byafe.

Obutukirivu kiteegeza okusonnyibwa okwoluberera.

Obutukirivu kiteegeza katonda okuteeka mu mutima gwo ne mubulamu bwo obutukirivu bwa Kristo.

Okubeera omutukirivu kiteegeza bw'onagasimbagana ne Katonda ku lunaku lwo kulamula aja kutunula mu mwoyo gwo aleme kulaba kibi kyona wabula alabe obutukirivu bwa Kristo mu gwe.

Okubeera omutukirivu kiteegeza nti okuva obutukirivu bwa Kristo ke buli mu gwe, awo ojakumala obulamu bwona mu ggulu ne Katonda emirembe gyitaggwawo.

Mu 1 Yokana 5:12-13 baibbuli egamba.....

Webuze mugwe nkimannyi nti nina ekibi, ntukuziddwa – ndokoledwa olw'ekisa okiyita mu kukiriza mu Kristo (*Abafeso 2:8-9*)?

N'omutemu alina okumannya bino.

Kenneth Swue56, oluloma mu lugereki mu kitaabo kye dangano empya, wue56's mu ssomo ly'ensi yonna ku ly'abasomi b'olungereza, WWB. Eedmans Publishing, Grand Rapids, emichigan

ESSUULA EY'OMWENDA (9)

OKUTABAGANA N'OKUNUNULWA KYEKI?

ENJIGIRIZA Y'OKUTABAGANA N'OKUNUNULWA

Okutukuzibwa olw'ekisakye okuyita mu kununulwa okuli mu Kristo Yesu *Abarumi* 3:24.

Kumpi abantu nga enkumi bbiri bakung'ana ku kizimbe kya Neponcem, Minas Gerais mu Brazil okulaba firimu ya Yesu eyafulumizibwa Campus Crusade for Christ.

Akawungeezi ako, (nze omusumba Thomas omuwandiisi w'ekitabo kino twalaba nga ekitundu ekisembayo mu firimu okusinga kyali kukomererwa kwa Yesu kwatwoleeka obubaka obufunze ku musalaba n'okukowoola abantu okuwayo obulamu bwabwe eri Yesu nga Mukama era omulokozi wabwe.

Okusayo omwoyo kwa buli muntu kwakwatibwa mu katambi nga tewali n'omu yesegennya (kuseguka). Buli liso era buli omu yali alaba ebyali biragibwa ng'abasirikale abarumi bakomerera emisumali mu bibatu ne mu bigere bya yesu. Nge ninga (emisumali) bwezayize ebigere bye, abantu bonna abali mukibiina batandiika okukaaba. Abandi amaso gali bagazibiriza nnyo lw'obutatunulira bulumi Yesu bweyali ayitamu ekibina kyonna kyali kiyongobevu okukamala.

Kyibwatukira omusajja yadduka nga asemblerera emotoka yaffe kwe twaali tusibye eccuuma kwe twateeke olutimbe olw'enjawulo olulaga (firimu) nga tewanaba wo muntu yenna asituka kumuyimiriza, yabuuka natagula olutimbe n'emikonoje ebiri nalutaagula taagula olutimbe nga bwa lekanira wagulu nokulunnyennyannyennya nga aluza emabega n'emumaso, nga alekanira waggulu mu lulimi olupotugol nga agamba nti mate me! mate me! mate me! ebitegeza nti nziita! Nziita! Nziita!

Teyayagala yesu kuffa, yayagala ye affe mu kifo kye. Omusajja ono yakyifuna bubu. Yayagala affe mu kifo kya yesu naye emyaka enkumi bbiri egy'ayita mukama waffe yaffa mu kifo kye, nekulwaffe ng'akomelerwa ku musalaba. Yesu yagamba nti munzite! munzite! munzite! ekiibi kisasulwe n'ekibonerezo, ekibonerezo kwe kuffa tulyoke tusonnyibwe ebiibi byaffe. Omuntu yalina okufa. Twali tetusobola kusasula mutango okufuna essubi amawulire amalungi aga Katonda geegano. Kristo yaffa mu kifo kyaffe yajasula omutangao ku lwaffe.

Tekwali kuffa kwabulijo. Enjiri, amawulire amalungi gakungannyizibwa mu 1 Babakolinso 15:3-4.....Ntii Yesu Kristo yatufiirira olw'ebibi byaffe okusinzira ku byawandiikibwa, era nti yaziikibwa, era n'azukira ku lunaku olw'okusatu okusinzira ku byawandiikibwa, omusajja yawogana nti mu mutte yesu tekyali kyabusungu, abakulembeze b'amadiini oba abasirikale b'abaruumi abaali mu mitambo egy'abuli kintu ekyaliwo ku musalaba, Katonda kitaffe yali akkiriza mutabani we, yesu okuffa era n'ajasula omutango ku lw'ekibi kyo nange. Ekigendererwa kya yesu okujja kwali kuffa, olw'okununulwa kwaffee. Yeyali engeri yokka.

Yesu yaffa kyeyagalire yatufiirira ku banga twali tetusobola kwe ffiirira ffe natuffirira mu kifo kyaffe. Teyafa buffi ku lwaffe, naye yaffa okuwangula okuffa n'olwobulamu obutagwaawo yensonga lwaki naye yennyini yakyogera nti nze ekkubo, n'amazima, era n'obulamu, teri alija eri kitange nga tayise munze. Yokaana 14:6....

Ekyaliwo ku musalaba kitegerekeka era okiteke ne mu bulamu bwo, kubanga kye kisumuluzo ekikusannyiza mu bulamu bwe kristaayo. Ng'ojjeko ekyo, kyali tekisoboka okubeera omukristaayo, n'okubeera mu bulamu obwobuwanguzi ku musalaba wanunulwa era n'olokolwa. Katonda ya kuggula n'omusaayi gwa yesu kristo ku musalaba katiino, nga omukiriza oli wuwe. olimwana we gwe yakuza era omutuuzze w'obwakabaka bwe mugulu.

Waliwo ebigambo bisatu (waliwo okutabagana, okununulibwa era n'okutukuuzibwa. Ekyo kinnyonnyola okuffa kwa yesu kristo ku musalaba nga byonna byagwa ekyo kiraga nti yesu ly'ekubo lyokka.

(OKUTABAGANA)

Eriiso Ly'embizi

Nze ne mukyala wange Barbra nange twali mu Hanoi, eventinum ne tukyala ko mu woteri ya Hanoi Heriton hotel eryali ekomera lyo Vetinum ery'ebukiikakono mwebasibiranga abaserikale abamerika omulutalo lw'evetinum. Bwegwaligutyo omuvuzi wenyonyi y'amerika ne bamukuba amasasi era ne bamukwata abaserikale abavetinum. Bamuyisiza ddala ng'omujambula tewali ku sonnyiwa kwonna yadda okusasirwa, nga bulijjo era omusibe w'olutalo atulugunyizibwa.

Captain Howard Rutledge yagabana naye byeyayitamu n'okubonabona eby'ekitalo mu Hanoi Hillton, yajukira ebibonnyobonnyo (ndese basima) omu kubasirikale ba Vetinum abamukwata kye yamukola gwe yali yakazako erinnya lya Pig Eye.

Pig Eye yakakanga Captain Rutledge okutuula ku ttaka naye ng'akikola mugeri ejjude obulumi na maguluge negazimba nga tasobola na kweyongera yo, enkola eyo ey'obulumi ejjude okutuluganya, yajiteko ate akukozese ekigato kye ekya malikuppu n'akikkatta ku mavivi ge nafootola ngagaza wansi.

Bweyamala ng'ebyo, yaddirira nga enjegere ate nasiba amagulu g'omusajja omumerica ono ate agafeennya, ate namala n'agasonseka mu sitokisi omusajja ono kalittima emiguwa gya goozi n'amyumyula obugalo ne bulyoka bulungula laba ate bweyamala nga ebyo ate namusiba akondooya ngadira emikono gyombi nagizingira mu mugongo olwo ekyaddako nga kwekuddira omuguwa gwasibye ku musibe, ate naddirira gumalikupu (ogugatto) n'agusimba mumugongo ate nasikambula omuguwa guli gweyasibye ko oh.....oh nasika kumpi ku bwatula magumba (obulumi obutagambika).

Captain Rutledge yagamba nti yawulinga obulumi obutagambika ng'emiguwa gimusala mpaka ku ggumba n'atuka nokusaba Katonda okuffa wakiri awone obulumi.

Eno yengeri abantu gye bayisamu abalabe babwe. Yebazibwe Mukama kuba wanjawulo. Omulabe we bwaja gyali, batabagana olwa Kristo kye yafiriira ku musalaba. Gano ge mawulire amalungi eri buli muntu.

Mu 2 Abakolinso 5:17 egamba.....

OKUNUNULA

OKULUMA OBUJJI

Bwenali mbulira enjiri mu gwanga erimu mu bugwanjuba bwa Africa mugwanga elya Benin nazula embooji eyewunnyisa mu kyasa 15th waliwo akakundi kabantu (kabinja) kebayita Zwedah. Leero bakayita Quidah, ekigamba ky'elufalansa ekitegeeza (yamba) basangibwa mu Benin.

Kabaka wa Xuedeh ye Kpasse, yazimba olubiri okumpi n'olubalama lw'ennyanja nga osobola bulungi okulaba abakozi be wonna mu nimiro ye ekyo kye kyali ekifo ky'omukulembezi wa Kabinja kano. Abazungu bwe batanula okuvumbula obugwanjuba bwa Africa, enimiro ya Kabaka Kpossa yafuka entabiro y'obusubuzi mu kagolomolo ako. Ekifo kyafuka eky'obusubuzi. Omubulizi we enjiri omusupana Bartholome las cassas, yekenennya amannyi abantu b'omu Africa gebaalina, n'asala amagezi okutasa banansi banne abomu America okubawonnya okukakibwa okukola emirimu gyo buddu mu nsi za bulaya ezali zibafuuga. mazima yasalawo okuddira abafirika bade mu kifo kyabanne papa nikola v yasako omukono kundagano esooka Bakozesebwa nga okulima okususe mu Brazil, mu United States ne Caribbean

OKWENENYA KITUNDA KU BULOKOZI.

Okwenenya mu lugreek ye "metanona" meta kitegeza "oluvanyuma" ata "noia" kitegeza kutegera.

Kuluda olulala kitegeza ekirowozo ekivanyuma oba okukyusa endowooza. Yesu yakozesa ekigambo kino mundagano empya okutegeza okuvamu mubulamu obukadde odde eri Katonda olwo obulokozi. (Mac Arthur).

Omutume Paulo yagamba, "Mwadda eri Katonda okuva mu bibumbe Okuwereza katonda omulamu". (*1 Abasaselonika 1:9*).

Okwenenya gwalimutwe mugumivu ogwa yesu kristo. Ekirala gwalimutwe mukulu mu ndaggano enkadde. Katusome obubaka bwokwenenya okuva mukitabo kya yeremiya.

OKWENENYA OKWOBULIMBA 3:1-5

Omusajja bwayawunkana ne mukyala we nagenda ofumbirwe omusajja omulala. Amudirenga natte?

“Etaka liba telikalusanyizidwa? Naye obadde mubulamu obwa abamalaya nabagalwa bange bangi. Osobola okudda gyendi kati? Bwayogera Mukama.

Yeremiya yageregeranya yuda no mukyala atalimwesigwa eri bba. Yamuleka nafumbirwa omusajja omulala. Atenga Yudah yaali asinga. Yudah yalina abagalwa bangi nga alinga Malaya naye yalowoza nti ayinza okuda eri Mukama nga teyenenyeza.

Tunulira obwengula olabe. Waliyo ekifo kyonna kyotanyonyose? Okutula kumabali goluguudo nolindirira abagalwa bo, nga omulunzi mudungu. Okalusanyiza ettaka nobwenzi no obukuusa. Ekikakasa obubi bwa Yudah. Kyebalina okola kutunula kunsozi okulaba ebikolwa byo obutalibwa Katonda. Ebibumbe byali kubuli lusozi. Tewali kiffo kutaka kyalitekyononedwa.

Baali bamlirivu okuzimba ebibumbe yeremiya kyeyageregeranya ne Malaya attude kumabli gekubbo alinze abagalwa.

Tebereza kumuwendu gwe bibumbe byebalina okusinzira nti byali buli wamu.

V.3 Nolwekyo ensulo zizi bikidde era nemidumo gyensulo gigudde, atenga olina entunula yobwamalya. Oganye okwenaza lwa bujjemu. Mundagaano enkadde Katonda yasibanga enkuba emirundi mingi ekigendererwa kubonereza. Abalimi abaali besigamye kunkuba esooka. Enkuba bweyagaananga okutonya ebirime byakalanga era nebiffa. Bafunanga ekibambulira, benyigiranga mukibi ekyolukale era nebataswala kukyo yadde okwetawazamu kitebo kya *1Petero 1:18-19 bayibuli egamba.....* Bwone wayo obulamu bwo eri Kristm toja kwonona buli kiseru naye yesu yawanikibwa ku musalaba, yasalulira ebibi byo byonna yabwayo lumu mpaka emirembe gyonna, olwakino osobola okunazibwa n’otukula mu maaso ga Katonda.

Fenny Crosby yawandiika ekiwandiko kukununulibwa.

Okununulibwa: engeri yokulangirira

Okununuliribwa nomusaayi gwo mwana gwendiga.

Ndimwana we emirembe gyonna.

Howad ne Philis Rutledge. Mukuberawo kwa abalabe bange. Old Tappan, New Jersey, Flemingne Reveil, 1973, P.23.

William Barclay mubigambo bye engagano empya, Philadaphia, West Minister Press, 1974, P.168.

Keneth S. West, essomo lya west mu ngagano empya eya greek Grand Rapids; Wm.B. Eerdmans Publishing, 1953, P.82

Archibald Thomas Robertson, Word Picture mu kitabo kye engagano empya, Vol. IV, Grand Rapid; Baker Book House, 1931, P.357.

Martine de Souza wamu ne Ouidah, Abit of history, Ouidah, Benin, Africa, P.35-39.

Okuva 21-21-30.

Omununule Fanney J. Crosby.

ESSULA KKUMI (10)

OKWENENYA KYEKI?

ENGERI YOKWENYA

Yeremiya 3:1-4 ne 4:1-4

ENYANJULA:

Munsi yaffe ekuze abasumba bangi babulira enjiri enkyamu, abasumba bangi abasomesa enjiri ey'obulimba, balimba obukadde n'obukadde bwa bantu, enkomelero ne babasindiika mu geyena. Babulira nti omuntu asobola okukiriza yesu nga omununuzi naye siinga mukama. Baleka ebweru (ekyokwenenya) kino tekikwataganira ddala ne baibuli ky'eyogera okusomesa kino kiba kigana abantu okwenenya. Ekigambo (okwenenya) kigambo kya mu baibuli ekyetaga okunnyonyola n'obwegendereza. Tusobola okukozesa ekigambo kino mu kanisa ne mubakiriza okusobola okitegera. Naye, bwe tukikozesa mu bantu b'ensi abalala bangi tebakimannyi naki kye bogerako.

Okwenenya kyekyinyusi oba ensibuko yo bulokozi ekigambo kyo lugereki ekitegeza okwenenya (matanoia). Meta kitegeza – ng'omaze, noia kitegeza – ntegeera.

Mungeri endala kitegeza okumala okulowooza oba okukyusa endowooza yo. Yesu ya kozesa ekigambo ekyo mu ndagano empya okunnonnyola, okukyuka okuva mu makubo amakade agobulamu bwo era n'okyuka okudda mu bulokozi bwa katonda. Mac Arthur.

Omutume Paulo yagamba nti mwakyukira okugoberera katonda nga mu va okugoberera ebifannyi ne muwereza katonda owa mazima era omulamu.

Okwenennya gwalinga mulamwa ogwa buli lunaku yesu ngayigiriza. Era gwe mulama omukulu mu ndagano enkadde. Katuyige ku bubaka obw'okwenennya okuva mu kitabo kya *Yeremiya*.

Okwenennya Okw'obulimba (3:1-5)

Omusajja bwaba ayawukannye ne mukyala we, n'afumbirwa omusajja omulala anakomangawo nate gye yanoba? Naye omukyala oyo eyalina abasajja abangi yesu yamugamba nti komawo gyendi oyatule obulokozi.

Yeremiya yageregannya ku mukyala atali mwesigwa eri omwami we. Yanoba nafumbirwa omusajja omulala. Kyoka nga Judah kyalina abasajja bangi, ky'alinga Malaya kyoka nga kyisubira okuda eri mukama nga tekyenenyeza.

Bwatyo bw'ayogera gula okole obibi byonna byasobola?

Wano Tulabira ddala ekyokulabirako ekyo okwenennya okukyamu. Abayudaya tebalina kigendererwa kya kukyusa birowoozo byabwe. Ayitibwa Katonda "Kitange," "Mukwano gwange" baamuyita. Taata, mukwano mu buvubuka bwabwe. Atenga balinga ababeera n'omukyala atali mwesigwa nemalaya. Bayagala okusonnyibwa awatali kwenennya.

Baalowooza nti obulungi bwa Katonda anatanulira ebibi byabwe ne enkola yaabwe embi.

Okutangaza: Leero, Abantu bangi tebakiriza nti amagoba g'ekibi kuffa.

Abarumi 6:23. Bangi bakiriza nti olwokuba Katonda ye Katonda omulungi nti talibasalira lwa bibi byabwe.

Ekilowoozo kye ekigambo “*okuda emabega*” (okuserera) kyogerwa **emirundi 07** mu buli suula 3. Yudah yali gwanga (mufumbo) eri Mukama. Katonda yakola naye endagano ku lusozi Sinai ne Musa. Yafuka atali mutukuvu nava mu makubo ga Katonda.

Katonda yamwegayirira okudda nga kyekyokudamu kyokka ku kuserera wabula nagaana.

Naye teyagaana bugaanyi yefuula eyetonze yetonda no mutwe gwe naye sin'omutima gwe. Yayagala Katonda naye si ku biragiro bya Katonda. Yayagala Katonda naye era yayagala okutereka ebibumbe bye.

Okwenennya okukyamu ye muntu okumannya nga ayononnye naye era n'akakasa nti ayononnye naye era nagaana “okuva” mukiibi ekyo.

Okwenennya okutufu kwekumu n'okukyuka okuva mu kibi. Era kulimu okukyusa endowooza yo, okukyusa omutima era nekivaamu okukyusa ebikolwa.

Okudda emabega kwe kugwa okuva ku Katonda. Baleka omukwano gwa Katonda ogusooka. Nebatandiika okubeerawo ku lwabwe sikulwa Katonda. Eky'okudamu kiri kimu nti okwenennya okutufu si okwekwenennya okukyamu.

OKWENENYA OKUTUFFU 4:1-4

V.01 – “Bw’onokyuka, ai Israyiri, nodda gyendi, bwayogera mukama bwonoteka ebibumbe byo ebbali wange notoddamu kuwaba.

V. 02. – Era mumazima. Layira mu butukiirivu. Mazima nga mukama bwali omumulamu. Egwanga linawebwa omukisa ku lulwo ne muye aweebwe ekitibwa.

Katonda yalaba obulimba mu kwenenya kwa abaana ba Israyiri. Katonda yalaba nga balina okwenenya okukyamu. Naye era Katonda yayongera okubegayirira benenye.

Bwebaba bamalirivu, balina okuleka okusinza ebibumbe batambulire mu mazima n’obutukirivu. Batwale ekubo lya Katonda omulamu omutonzi wensi, bamuwereze ye yekka.

Yeremiya yakozesa obubonero bubiri era abantu baalina okutegera mungeri ennyangu y’okwenenya.

Okwenenya kulinga kukabala! Olunyiriri 03.

Bwati bwa’yogera mukama eri abayudaya nab’eyerusaleemi nti mu kabale ettaka lyonna eritali kabala, muleme kusiga mumagwa. Teri musizi asiga nsigo kutaka eritali lirime era nasubira okukungula. Emitima gyaffe girina okabalwa munda era tumannye ekiibi mu bulamu bwaffe. Olwo tulyoke tukirize omwoy’omutukuvu ayingire munda nga omulimi bwamennya ettaka eggumu. Olwo tulyoke tubale ebibala mu bulamu bwaffe olwa mukama.

Okwenenya kulinga kulongosebwa! Olunyiriri 04.

“Mwekomole eri Mukama, mukomole emitima gyamwe, mwe abayudaya na abayerusalemi, oba omutima gwamwe gujja kumennyeka era gwokebwe mu muliro olwe ebibi bye mukoze.

Okwenennya kulinga okukomolebwa.

Walingawo omuzizo ogwalagirwa Katonda ku buli musajja omuyudaya. Katonda yakola nabo endagano nabasubiza okubeera abantu be abenjawulo era bali balina okuba ekitangala eri amawanga ekubazza eri Katonda. Balemererwa okutukiriza ekyo Katonda kye yali abagalamu, era nebatandiika kusinza ebifananyi ne byoole bye bakoze ne mikono gyabwe.

Katonda yali tayagala ku komolebwa okw’omubiri ku ngulu naye yali ayagala kukomola mutima. Omutima gukikirira ekitundu ky’omunda kyonna eky’obulamu obw’omuntu. Kitegeeza ememe, kitegeza endowooza, ebirowoozo n’okussubira kwe.

Yeremiah 31:33 egamba nti.....

4:14 egamba nti.....

Ebyofuka okwenennya kw’obukuusa 4:5-18

Kulwa yuda. Egenda kusannyawo n’ababiloni. Okusalirwa omusango kujja.

V.5 – Ekirango mu Yuda era nga kirangirwa mu Yelusalemi ne kigamba nti:

Mufuuwe ekkondere okwa ddala, mukaabe neddoboozi ely’omwanguka mwekumekume mu bbugwa w’ekibuga.

V.6 – “Mubabagulizeeko okigendamu sayuni.”

Mwekukume okusobola okuwona awatali kukerewa kubanga ngenda kuleta kawumpuli okuva mu bukiika kkono (amabuka) komontebwa kwe kkondere ne

ddoboozi ely'omwanguka. Okulabula kwa abantu okudda (okuyingira) ekibuga yerusalmei ekyaliko bbugwe okukyetolola okusobola okufuna obukumi obumalamunda, omulabe w'ekibuga Yerusalemi okisalako ekibuga balinnyanga bweyazingizinga Katonda olw'ensonga balinanga okwenennya.

V.18 – Eneeyisayo n'ebikolwa byo by'ebikuletedde eby'okuggwako kino kibonerezo kye, Mazima kisuse, kimmennye omutima!

Katonda ayita abantu okwenennya n'okukyuuka okudda gyaali amazima agataliko ku busabusa. Yeremiah yagamba abantu ba Yuda nti mukama wa kulamula abalabe (Ababbabironi).

Tebawuliriza nebagenda mumaso n'okusinza bakatonda n'elubale wabwe, bebali bakola ne mikono gyabwe n'olweekyo Katonda yababonereza nga abasindikira amagye amaggwiira okuwamba, okuzingiza, n'okusannyawo eggwanga.

Okulamula kuja nate eri abo abagannye okwenennya n'okuba kungulira mu kristo yesu.

IV –ekiseera ky'akwenennya okutuufu

Okwenennya okutuufu kujja kuvaamu obulokozi n'okusumululwa yesu ye mukama era omununzi. Tosobola ku mukiriza kristo ng'omununzi okujako ng'era mukama.

Bw'omukiriza kristo nga mukama olw'ojakuba wenennyeza ekibi kyo. Okwenennya, kwe kukyuka okuva mu kibi kyo.

Kaleno, teli nomu alina buyinza bumukyuusa okuva mu bibi bye, Katonda akuyita, Katonda akuwa (Kisa) okukyuka okudda gyali nga mukama Katonda, mukama wo bulamu bwo.

Kristo yafirira kibi kyo. Yazikibwa, n'azukira okuva mu bafu oluvannyuma lw'enaku sattu era mulamu wetwogerera bino, era ayagala kubeera mu mitima gwo nga mukama era omunuuzi wo.

Amazima gegano, lowooza nga mazima ddala mu bulamu bwo mulimu namulondo, ye mwene kristo atudde ku namulondo eyo. Ye yennyini ayagade okufuga n'okulung'anya obulamu bwo nga bwayagala bumuwe, afuge.

Okwenennya kitegeeza okweteeka ebbali wa namulondo y'omumutima gwo n'oleka yesu kristo okugitulako atambuze obulamu bwo ekyokitegeeza kuddira yesu naba mukama w'obulamu bwo.

Tetusobola kufula yesu mukama, kubanga ye mukama, naye olina okusalawo okumufula mukama w'obulamu bwo eno no yensonga semosonga y'ekwenennya.

Abarumi 10:9 egamba nti....

Okiyita mu byombi ebitabo endagano empya n'enkadde omulamwa omukulu gwa kwenennya. Jebuva jebwenkana emirundi ne mirundi labika eri mukama n'okutukubiriza okujja okwenennya.

Okwenennya okwaddala kitegeeza okukiriza yesu nga ye katonda era mukama yekka.

Baibuli ekikatiriiza, ekakasa obukulu n'ekitibwa mukama kristo mu buli mbera yonna obukulu bwe buli waggulu wa buli kintu (ebikolwa by'abatume 10:36) yesu ayititwa mukama **emirundi (747)** mundagano empya. Mu kitabo *Ky'ebikolwa byabatume ng'omunununzi emirundu ebiri gyokka (2)*.

Yeremiah yakoomola abantu be okwenennya okukyuuka okudda eri mukama kristo ye mukama.

Yeremiya yagamba mude eri mukama, mu kyuuke mudde eri mukama era aja ku balokola n'okubasumulula mubusungu bwe.

ESSULA Y'EKUMI NEMU (11)

EKISA N'OKUKIRIZA N'EKISA

ENJIGIRIZA YEKISA N'OKUKIRIZA

Ku lw'ekisa mw'alokolebwa okuyita mu kukiriza kale tewabayo muntu yena ayenyumiriza mu bitalimu (abefeeso 2:8-9).

Ennyanjula

Mu America waliyo ebiryiro by'amazzi ebyawula America ku Canada. Omusajja lumu yafuna omuguwa nagusiba mungeri eyenjawulo n'asiba eruyi ne ruyi mungeri ya maddaala nayitako nga bwa kulula (wheelbarrow) ku miguwa emyetoovovu gyeyesibye. Mazima singa asirituka mbagirawo aba mufu.

Kyoka oggubinja gwa bantu bali luuyi nga balaba era nga basaakannya, oluvanyuma lw'okusomoka omugga balaba bwe yetuuka emitala weri ne bakuba mungalo n'ekujjaguza nti yoga yoga.

Amakulu G'okukiriza

Ddala, okukiriza kyekyi? Endagano empya yakiwandiikako kuva Olubereberye mululimi olugereki ekigambo okukiriza mulugereki (pistis) pistis kitegeeza mu lugereki okusa ekimu ne katonda ekuyita mu kristo.

Abebbulaniya 11:1-3 egamba nti....

Mundagano enkadde abantu baawangalira nga mu ssubi lya (messiah) yesu, olunaku lumu alija nebakiriza nemitima gyabwe, nendowoza yabwe, ne meme yabwe nti, okwo kwe kukiriza, lwakuba kwe kulindirira ekisubizo kya katonda ekitanaba, nti luliba olwo olikirabako mu buliwo.

Kino kyuuyi kimu ekyokukiriza, okimannyi nti kibawo kubanga okiririza mu bisubizo bya katonda.

Tukimannyi nga singa tuteka okukukiriza kwafe mu kristo ng'awandiika amannya gaffe mu kitabo ky'obulamu tukiriza katonda n'olwekyo tukiriza mu kigambo kye.

Okukiriza kitegeza, okukiriza mu katonda n'otwala ebigambo bye ne bwo banga tonabirabako n'amaasogo nti luliba olwo kiriba kubanga mukama ye yakyogera.

Okukiriza kwe kukiririza mu katonda n'okumutwala n'ekigambo newankubadde nga olaba tasobola kukileka. Nga amanyi kigya kubeerawo kubanga katonda bweyayogera bwatyo.

Abakiriza bonna leelro bakiririza mu kudda kwa yesu. Tewali n'omu kuffe yali alabye kino kubanga tekinabawo. Naye tukyimannyi nga yesu ajja kuda kubanga yakyogera.

Yesu bwe yaliadda eri kitaawe abayigirizwa batunula waggulu mu banga ne bekenennya. Malayika nabalabikira nagamba nti *"lwaki mutunulidde abwengula?"* Yesu yomu ono abagidwako okugenda mugulu. Alikomawo mungeri yemu gyemumulabidemu nga agenda mugulu. (***Ebikolwa 1:11***) tetunalaba okujja kwe

okwokubiri naye tukiriza katonda ne kigambo kye tukimannyi nti lunaku lumu kiiri beera kwe kukiriza.

Ebika byo kukiriza bibiri

Waliwo ebika byokukiriza bibiri kino kye kibuzabuza abantu.

Okukiriza Mu Mutwe.

Kuno kwe kukiriza omuntu mwakiriza mu katonda ne yesu. Akiriza nti yesu yazalibwa omukyala mberera, n'aberawo mu bulamu obutaliimu kibi, naffa ku musalaba olwebibi byaffe, nazukiira mubaffu era lunaku lumu alikomawo nate.

Amannya era nakiriza okusomesa kwonna okwa katonda ne yesu kristo. Atenga baibuli egamba mu *Yakobo 2:19* nti *“mukiriza nti waliwo katonda omu kirungi, naye neemizimu gikiriza ekyo era negikankana.”*

Okukiriza Mu Mutima

Kuno kukiriza kwa mwoyo. Kukiriza kwa ddala kwe kukiriza okununula omuntu okuva ku setaani, ekibi ne geyena.

Omuntu bwaba n'okukiriza mu mutima, akiriza mu mutwe gwe nti kristo ye katonda, mukama, era omununuzi era awaayo obulamu bwe eri kristo.

Ekyokulabirako ekirungi ekyokukiriza

Tunulira entebe ekuli okumpi awo, baako bo buuza akuli okumpi, nti *okiriza nti bwentula ku ntebe eyo, enakwata omubiri gwange? Okuriza nti entebe eyo gumu ekimala okusitula obuzito bwange?*

Bw'agamba, nti ye obuuze, nina okukiriza mu ntebe eyo? "Ngamba nti nzikiriza nti entebe enasitula obuzito bwange, nolwekyo, nina okukiriza munteebe?"

Ekyokudamu kirinti, "nnda" siteeka nti nina okukiriza mu ntebe bwengituula mu. Mukino kristo ategeza entebe. Olina okusalawo, osobola okuyimirira mumaso ge ntebe n'ogamba nti nzikiriza nti eja kunkwata bwe nagitulamu! Ogwo gwe mutwe gwo okukiriza. Oba osobola ogituula mu nokiriza nti eggya ku kwata n'obuzito bwonna. Okwo kwe kukukiriza kwo mutima. Kale osobola okukiriza nti kristo ye katonda, eyazalibwa mu mberera, n'abeera mu bulamu obutaalimu kibi, naffa ku musalaba olw'ebibi byaffe, n'azukira okuva mu baffu era lumu alikomawo.

Nolwekyo setani ne emizimu bikiriza nti bwokola okusalawo okuwayo obulamu bwo bwonna eri kristo oba olokodwa.

ENVUNULA YEKISA

Ekisa kyekirabo ekyobwerere kyotakolerera oba okugwanira. Ekyokulabirako ku sundiro lya mafuta.

Lumu omuwandiisi yali ku ssundiro lya amafuta okuteeka mu omuka mu motoka ye, omusajja yamutukirira namugamba nti yetaaga omuka mutono okuda eka teyasaba bingi.

Nolwekyo mukama yayogera eri omutima gwange era nengujjuza n'okumuwa omuka ku bwerere kyali kisa "teyagukolerera, teyagugwanira. Atenga najjuza tankaye, yatya, yali musannyuffu, yafuna ekisa, namuwa ekirabo kya bwerere.

Kino katonda kyatuwa. Kristo yakola omulimu, yagenda ku musalaba, yayiwa omusaayi gwe, yafa mu kuffa okwokwewayo okuyiwa okusasulira ebibi byaffe. Naazukira mu baffu, yakola omulimu gwonna, kati, yatuwa ekirabo eky'obwerere eky'okusasirwa n'obulokozi. Kuno kukiriza naye tulina okufuna ekirabo, teyakaka muntu yenna awayo naye tulina omukiriza mu mutima gyaffe n'obulamu bwaffe. *Yokaana 1:12* agamba, “bonna abamukiriza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba katonda.

Okukiriza kwe kuwayo obulamu bwo eri yesu kristo n'omukirizamu naye na kweewa okwo kwe kukiriza.

Bwe wewayo eri kristo, olwo osonnyiwa ebyoonono byo, nakyusa obulamu bwo, nawandiika erinnya lyo mu kitabo kyo bulamu. Ekyo kye kisa akuwa ekirabo ekitakusanira. Olw'ekisa walokolebwa, sigwe welokola tewabaawo yerimba, leero osobola okuwayo obulamu bwo eri kristo mu kwewaayo eri kristo oba omukiriza nga mukama wo era omununuzi wo, okujja mu bulamu bwo no mwoyo wo era okulokole.

Olwo kukiriza, osobola okusaba kati, era n'oyaniriza kristo okujja mu mu mutima ne mu bulamu bwo kikole kati.

ESSULA EKUMI NA BIRI (12)
OKUDDA KWA YESU KRISTO
ENJJIGIRIZA YO KUDDA KWA KRISTO

Matayo 24:31

Naye bw'olaba omwana w'omuntu nga ajja mukitiibwa kye, ne bamalika bonna naye, alyoke atuule kunamulondo yekitiibwa.

OKWANJULA

Mubikolwa bya abatume *esuula 01* tulaba olugero lwa yesu olutufu n'abayigirizwa ne yesu. Yesu yabalagira mu *lunyiriri 4:5*.

Temuleka yerusaleemi, naye mulinde ekirabo kitange kye yasubiza kye mwawuliranga njogerako, yokaana yabatiza na mazzi, naye ennaku ntono mujja kubatizibwa n'omwoyo mutukuvu.

Nabalagira okubunyisa enjiri eri *ensi yonna (7-8)* olunyiriri 09 – oluvanyuma lw'okwogera y'atwalibwa wagulu nga balaba. Ekire nekimukweeka amaaso gabwe ye nagenda nga tebamulabye.

Abayigirizwa baali awo nga balaba. Oluvannyuma abasajja babiri bayimirira ku mabbali gabwe ne bagamba nti "Iwaki muyimiride wano nga mutunulidde eggulu? Yesu omu oyo atwalibwa mu ggulu; alikomawo nate mungeri yemu nga bwe mu mulabye nga agenda." (V.11) nga tuyiga kukuda kwa kristo twagala kuyiga ku bibuzo bino.

Okuda kwa yesu kwa kibwatukira?

Obukadde bwa abantu leero abatakiriza mu yesu kristo nga mukama era omununuzi tebakkiriza nti alikomawo nate wabula baibuli erangirira emirundu mingi nti yesu alikomawo nate. Mudagaano empya mulimu emiramwa 318 ku kuda kwa kristo.

Okuda kwa yesu kwa mirundi ebiri. Okusooka yazalibwa mberera Maria, okujakwe okusooka yabeera mu bulamu obutukiride era naffa olw'ebiibi byaffe. Banabbi bendagaano enkadde balagula okuja kw'omununuzi emirundi mingi. Waliwo ebigambo bingi ebyenjawulo mu baibuli ebinyonyola okudda kwa kristo. Ebimu ku byo byebiino.

Olunaku lwa mukama – ebikolwa bya abatume 2:20.

Olunaku lwa kristo – Abafripia 1:10

Olunaku lwa mukama – 11 Petero 3:12

Olunaku olwo – Matayo 7:22

Olunaku olusembayo – Yokana 6:39

Olunaku lwe – Luuka 17:24

Okulabika kwa kristo – 1 timoseewo 6:14

Okujja kwa kristo – 1 Abakolinso 15:23

Kikakasiddwa nti yesu yajja omulundi ogusooka, aliikomawo nate kye kisubizo kya mukama ekyetagisa.

Yesu yagamba mu Matayo 26:64, “naye mbagamba nti, “Mu maaso muliraba omwana w’omuntu nga atudde ku mukono ogwa dyo ogwo oyo aliwaggulu ennyo alijjira mu kire.

Yesu Alida Atya

Okuda kwe kujakuba kwa ddala? Buli liiso lirimulaba, mangu ddala alikomawo okuva mu ggulu, n'okuwogana, (mulimuwulira nga azze). Ne dobooji ly'omwanguka, nakagombe ka katonda.

Yokaana 5:28 egamba, "bonna abaali mu ntaana baliwulira edoboozi Okubikulirwa 1:7 egamba "laba, ajja mu'bire, era buli liiso lirimulaba, n'abo abamufumita, ne bika byonna ebyomunsi birimukubira ebiwoobe.

Yesu Alida Ddi?

Tewali amanyi ddi yesu lwali dda. Ebikolwa bya Abatume 1:11 egamba n'abagamba nti, tekibagwanidde kumanya budde yadde ebiro, kitaffe bwe yateekateka mu buyinza bwe ye." Alijira mubudde obutamannyidwa, tewali amannyi. Yesu yagamba mu *Matayo 24:36* tewali amannyi lunaku yadde essawa. Newankubadde bamalaika mu ggulu, oba omwana okujjako kitaffe. Baibuli egamba nti alijja ng'omubbi mu kiro. *1 Abassesolonika 5:2* wabadde wo abantu bangi abatebereza obudde obutuffu obw'okuda kwa kristo. Yesu ageregeragannya, enkomerero ye ebiro mu matayo esula 24 naye tewali amannyi mwaka yadde olunaku kwe kyo kye yayogera.

4 – Mutunule tewaba abalimba.

5 – Bangi balijja mulinya lyange, nga bagamba, nze kristo, era balikyamya bangi.

6 – Muliwulira entalo ne ettutumu ly'entalo – mulabe temweralikiriranga kubanga tebirirema kubaawo, naye enkomerero ng'ekyali.

7 – Kubanga egwanga liritabaala egwanga ne kabaka alitabala kabaka, walibaawo enjala ne ebikankano mubifo ebitali bimu.

8 – Naye ebyo byonna ntandiikwa y'okulumwa okuzaala Yesu yagenda mumaso nokunnyonyola ku katyabaga n'okuyiggannyizibwa awamu n'okubulira enjiri ekwetolola ensi yonna.

24 – Kubanga walijja ba kristo ab’obulimba, ne ba nnabbi ab’obulimba, nabo balikola obubonero obukulu ne’eby’amagero, n’okukyamyamba balikyama bangi.

Yesu akola embooji ennyuvu

29 – Amangu ddala, oluvanyuma lwe’ekibonyobonyo.

30 – Yagamba, nti mubiro omwana w’omuntu analabikira ku ggulu era nabuli gwanga eriri ku nsi kuno linamuyozayoza. bajjakulaba omwana womuntu nga gyidde mu kitibwa ne mumannyi awo lwekilabika ababonero k’omwana w’omuntu mu ggulu. Ne’ebika byonna ebyensi lwe birikuba ebiwoobe, biriraba omwana w’omuntu nga ajja ku bire eby’eggulu n’amanyi ne’ekitibwa ekinene.

31 – Era alituma bamalaika be ne’eddobozi ddene ery’ekondeere, nabo balikunganya abalonde be mu mpewo erya okuva ku nkomerero ye eggulu no’okutusa ku nkomerero yaalyo.

Makko 13:32 egamba, naye ebyo ‘lunaku olwo oba ekiseera ekyo tewali amannyi newakubadde bamalayika, newakubadde omwana, wabula kitawe.

Kiki ekiri beerawo nga yesu akomyewo?

Tewali amanyi ddi naye awatali kulabula lunaku lumu eggulu liri bwatuka nerimenyeka era tuliraba yesu.

1 Abasessalonika 4:16-18, “kubanga mukama waffe yenyini alikka okuva muggulu, n’okwogerera waggulu, ne’eddobozi lya malayika omukulu ne’kkondere lya katonda, n’abo abafiira mu kkristo be balisooka okuzukira oluvanyuma lw’ebyo, naffe abalamu abaasigalawo ne tulyoka tutwaliba wamu nabo mu bire okusisinkana mukama waffee mu ggulu. Kale bwe’tutyo tunaaberanga ne mukama waffe enaku zonna.

- Alijja n’okwogerera waggulu.
- Alijja ne’eddobozi lya malayika omukulu.
- Alijja ne’ekondere lya katonda.

- Bwalijja abaffu balisooka okuzukira.
- Okuvanyuma abaffu balizukira okuva mu ntaana okumusisinkana, n'abakiriza bonna mu kristo balitwalibwa wamu nabo mubire okusisinkana mukama waffe mu ggulu. 1 Abasessalonika 4:16-18.....
- Tulyoke tubeere naye ennaku zonna.

Obwakabaka bwa katonda bujjakuba butukiriziddwa.

Mu budde bunno ensi eriba eyereddwa. 2 Petero 3:7, "Olwe kigambo kimu eggulu n'ensi biterekedwa omuliro, nga bikumibwa okutuusa ku lunaku olw'omusango, no'okuzikirira kwa abantu abatatya katonda.

Okuwangulwa kwa setaani kujjakuba ku wedde.

Okubikulibwa 20:10 "N'omulyolyomi setaani eyabalimbanga, yasuulibwa mu nnyanja ey'omuliro, n'ekibiriti, era omuli ensolo ne nabbi w'obulimba era banaabonnyaabonnyezebwa nga emisana n'ekiro emirembe n'emirembe.

Okuwumbawumba

Yesu ajja olunaku lwonna, obudde bwonna, era ekiseera kyonna.

Eri omukiriza

Tubeere bulindaala era abesigwa. Yesu yagamba, tubeere besigwa ne mu kuffa nange ndibaawa engule y'obulamu.

Ekibuga kya Pompei mu Italy. Emyaka mingi egiyise ekikankano kyabutikira ne kimennyamennya n'okwonona ekibuga era ne kitta buli omu munda. Abayiivu bagenze yo ne basima munda okulaba ebyafayo bye'kibuga. Abamu bafuna amagumba g'omusirikale eyaali akuuma kw'olwo. Yali atunude wakati w'ekibuga omusirikale yali akola mulimu gwe n'obwesigwa.

Yasubirwa okugamba nti, “mukama wange yanteka wano era sifayo kubikolebwa njakusigala mwesigwa.

Amagumba g’omuserikale omulala gasangibwa nga yali aduukawo, teyasigala nga mwesigwa (Ford p.113).

Oli ani kubbo? Oduuka okuva ku katonda? Oli mu kwagala kwe olw’obulamu bwo? Olimwesigwa mu kuwereza mukama?

Eri Eyabula

Ekibuzo kiri, olimwetegefu olw’okudda kwa yesu? Bwoba toil, olw’aleero waayo obulamu bwo eri kristo, yaffa okusasula omutango olw’ebibi byo, yazikibwa era nazukira okuva mubaffu.

Olw’okukiriza ajakujja mu bulamu bwo, asonnyiwe ebyoonono byo era akuwe obulamu obupya era obutagwawo.

Saba kati era omusabe yesu ajje mubulamu bwo.

Ensibuko

Alkins, Wade, Be A24, 7 Christian, Hannibal Books,

Barclay, William. New Testament Words, Philadelphia,

Westminster Press, 1974,

Crosby, Fanney, J

Davidson, Benjamin, The Analytical Hebrew and Chaldea.

Lexicon, Grand Raphids, Mich. Zondervan. Publishing House, 1977.

Ford, Hershel, Simple Sermons on Christian Doctrines.

Greek English Dictionary of the New Testament. United Bible Societies, 1971, P. 246.

Graham, Billy. The Holy Spirit. Word Books, 1978.